Olusuku Adeni Olwa Ssitaani

Twewombeeke.

Ayi Katonda omwagalwa, tukwebaza nnyo olw'omukisa guno omunene, ogw'okujja nate mu Linnya lya Mukama Yesu, okusisinkana omulabe waffe, era omulabe Wo, ebweru wano mu ddwaaniro, nga tuli n'Ekigambo, okumugoba ave mu makkati g'abantu Bo, basobole okulaba, akawungeezi ka leero, Mukama, Omusana gw'Enjiri. Nkusaba osiige amaaso gaffe eddagala, gazibuke eri Amazima, tusobole okuva wano, nga tugamba mu mitima gyaffe nti, "Emitima gyaffe tegyabadde nga gitubuguumirira bwe yabadde nga ayogera naffe mu kkubo?" Wonya abalwadde n'abanyigirizibwa. Gumya abaweddemu amaanyi. Emikono eginafuye egibadde girebera ogiyimuse. Leka tutunuulire Okujja kwa Mukama Yesu, kwe tukkiriza nti kusembedde. Tusabye kino mu Linnya lya Yesu. Amiina.

Mutuuleeko.

2 Ŋŋenda kugezaako okuyita mu bimpimpi akawungeezi ka leero, kubanga mmanyi nti bangi abavudde mu bitundu eby'enjawulo eby'eggwanga, oku . . . olw'okujja mu lukuŋŋaana, abalala, oba oli awo mwasuzeewo, ate nga mulina okuddayo, oba oli awo nga wala okuddayo. Kale nno mbeebaza. Enkya ya leero nnayagadde mpulirize Ow'oluganda Neville, mmweewulirire. Mmuwulidde emirundi mingi, era tewali mulundi gwe nnali mmuwulirizza ne ssimusiima. Naye enkya ya leero, obubaka obwo obwajjidde mu kiseera ekituufu, nkakasa nnakulembeddwa Mukama okubuwuliriza enkya ya leero. Bwabadde bulungi nnyo! Kale ndaba ensonga lwaki mwagala nnyo okujja mumuwulirize, nammwe. Era ajja kuba wa mugaso nnyo gye muli bulijjo, nkakasa, bwe munaamuwulirizanga.

3 Mbadde ngezaako okukendeeza ku bungi bw'abo abanajja okunneebuuzako leero, ku makya ga leero n'olweggulo. Nkyalinayo abalala bangi nnyo, nnyo, nnyo, abakyasigaddeyo. Ate nga . . .

4 Nzikiriza, lumu, yali Yesero ye yagamba Musa, nti, "Kikuyitiriddeko." N'olwekyo, tulinawo ab'oluganda bangi nnyo wano abasobola okukola ku bizibu byammwe. Era bonna baatongozebwa mu buvunaanyizibwa obwo, na ddala nga bwe waliwo ebintu ebikulu ebirina okukwatibwa n'obwegendereza. Kale nsemba omusumba waffe, oba Ow'oluganda Mann, n'abaweereza abalala ab'Enzikiriza yaffe wano. Osobola okugenda gye bali. Bajja kukubuulirira ddala kiki eky'okukola; abantu abamu, abaana baabwe, bamala gafumbiriganwa, oba ebintu ebikyamu bwe bityo. Kale abasajja bano basobolera ddala okubayamba mu ngeri y'emu nga—nga omuntu omulala

yenna bwe yandikoze, kubanga baweereza ba Kristo. Kale nno mugende gye bali, era nkakasa bajja—bajja kubawa obuyambi bwe mwetaaga. Bonna ssiyinza kubatuukako. Bangi nnyo, buli gy'ogenda. Beeyongera bweyongezi bungi, olaba. Era—era wandyagadde okubasisinkana bonna, naye tokisobola. Naye buljjo nsaba Katonda nti, wabeewo engeri gy'akikola, musobole okuyambibwa ku nkomerero ya byonna.

5 Kati, olw'eggulo luno, twagala tugende mu Byawandiikibwa, tusomeyo ekitundu mu Byawandiikibwa okuva mu Lubereberye, essuula ey'o 3; tuddeyo tujulize ku bintu bye tubadde twogerangako, mu biseera ebyayita, tulabe engeri Mukama Yesu gy'anaaba atwongeddeko bye tunaaba tuyize we tunaafulumira. Nsaba—nsaba Akikole.

> *N'omusota gwali mukalabakalaba okusinga ensolo zonna ez'omu nsiko* MUKAMA *Katonda ze yatonda. Ne gugamba omukazi nti,* Katonda yayogera nti, *Temulyanga ku miti gyonna egy'omu lusuku?*
>
> *Omukazi n'agamba omusota nti, Ebibala eby'omu lusuku tulya:*
>
> *Wabula ebibala by'omuti oguli wakati mu lusuku, Katonda yayogera nti, Temugulyangako, newakubadde okugukwatangako, muleme okufa.*
>
> *Omusota ne gugamba omukazi nti, Okufa temulifa:*
>
> *Kubanga Katonda amanyi nti olunaku lwe muligulyako mmwe, amaaso gammwe lwe galizibuka, nammwe muliba nga ba katonda, okumanya obulungi n'obubi.*
>
> *Omukazi bwe yalaba nga omuti mulungi okulya era nga gusanyusa amaaso, n'omuti nga gwa kwegombebwa okuleeta amagezi, n'anoga ku bibala byagwo, n'alya, n'awa n'omwami we n'alya wamu naye; naye n'alya.*
>
> *Amaaso gaabwe bombi ne gazibuka, ne beetegeera nga bali bwereere; ne batunga amalagala g'emiti ne beekolera eby'okwambala.*

6 Mukama ayongere . . . emikisa Gye ku kusomebwa kw'Ekigambo Kye. Kaakati akawungeezi kano njagala omwo, okujjamu omutwe, gwe nnaayita: *Olusuku Adeni Olwa Ssitaani.* Kantu akawulikika obubi ennyo okwogera, nti, *Olusuku Adeni Olwa Ssitaani.* Kalina engeri gye kakwataganamu, n'akawungeezi k'olwa Ssande olwayita, nzikiriza, bwe nnali njogera gye muli wano ku *Akasengejja k'Omuntu Alowooza*, n'ekiwoomera omutukuvu.

7 Waliwo oluusi obugambo buno obusongovu lwe bubaako ne bye butulaga; butuleetera okuyiga, era ne bukuviirako okusoma Ekigambo. Era ekyo kye njagala ekibiina kyange kyonna kikole. "Omuntu taabenga mulamu na mmere yokka, wabula

na buli Kigambo ekiva mu kamwa ka Katonda." N'olwekyo, musomenga Ekigambo; mukyekenneenye. Ate mukyeekenneenye nga mukozesa amaaso ga Katonda, amagezi gammwe galyoke gategeere engeri gye tusaanye okweyisaamu mu nnaku zino.

8 Kati okujja wano, akawungeezi kano, okwogera gye muli, okugamba nti, "Kale, nnandibadde nkola *kino* oba *kiri*, . . . "

9 Njagala okwogera n'abantu, mu ngeri y'emu nga bwe nnandyagadde okugendako eka ewammwe na buli omu ku mmwe akawungeezi kano. Nze . . . Katonda amanyi nti ago ge mazima. Nnandyagadde okugendako na buli omu ku mmwe ewammwe, tu—tulye—tuliire wamu eky'enkya ku makya, tu—tu—tugendeko tuyigge bukaamuje enkeera olw'eggulo, laba. E—ekyo nnandyagadde okukikola, naye ssi—ssisobola kukikola. Nnandyagadde ŋŋendeko eka tutuule tunyumyeemu naawe; tutuule mu kisasi nga olukuŋŋaana luwedde, twogere okumala akabanga, njogereko naawe ku bikwata ku bulamu bwo n'ebikwata ku Katonda. Ekyo nnandyagadde okukikola. Ba ssebo ne ba nnyabo abali muno; Katonda akimanyi nti ekyo nnadyagadde okukikola, wabula ssisobola kukikola. Mulabe, waliwo e—ebinsika bingi n'ebinkooya.

10 Ate—ate mu mulembe guno ogw'okweraliikirira gwe tulimu . . . Era nga ndi muntu eyeeraliikirira ennyo, nze kennyini. Leero omutima gwange gugenda ne gumalirira okukola ekintu gundi nti, "nteekwa buteekwa okukikola," bugenda okukya enkya nga kindi wala mayiro akakadde kalamba; olwo nga waliwo ekyeyingizzaawo ne kikola *kino* na *kiri*. Bw'otyo n'omala ebiseera, nga ogezaako okutereeza ebirowoozo byo.

11 Naye ekiruubirirwa kyange ekikulu kwe kubuulira Enjiri nga mpita mu Kkanisa, era nkole kyonna kye nsobola okuleeta ekitiibwa eri Yesu Kristo mu kiseera kino, nga nkyali wano ku nsi, era mu budde bwe nkyasigazza ku nsi. Nzija ngezeeko oku—okubaako kye njogera gye muli ekiyinza okubayamba; kyonna kyonna. Nnabadde mu kusoma bwe nnazzeeyo eka ku makya ga leero. "Njogere ki akawungeezi kano, Mukama, ekinaayamba abantu abo?"

12 Oluvannyuma lw'okuwuliriza obubaka obwo obw'amaanyi enkya ya leero ku . . . Ow'oluganda Neville bwe yatuleetedde, obukwata ku . . . Nnalowoozezza nga bwabadde bwa kitalo nnyo, awo we yagambidde nti, "Omusawo ajja kuzuula obulwadde; naye ate omuntu ajja n'olusowaani olujjudde empiso, y'akuba empiso." Kale nnalowoozezza nti akagambo ako kaabadde ka—kakulu nnyo. Ekyo nnakirowoozezzaako nti, "eddagala erikukubwa, nga obulwadde bumaze okuzuulwa." Kale ekyo kintu kirungi nnyo.

13 Waliwo ekintu kye nnayagadde okwogera gye muli, mbeeko kye ndeeta okubamulisiza ku kisuubizo kya Katonda eky'omulembe guno. Mulaba? Ekintu, si kintu omuntu

omulala eyali mu mulembe omulala kye yali, wabula ekintu . . . era bwe . . . Ebintu ebyo tebiriiko mutawaana; ffenna ebintu ebyo tubijulizaako. Naye nnalowoozezza nti nnaagezaako okuleeta ekintu eri ebirowoozo byammwe, nga nkozesa Ebyawandiikibwa bino bye nnawandiise wano, ekinaabamulisiza, mutegeere, kibafuule abalwanyi abasingako mu ddwaaniro lye mulwaniramu kati; okuyiga obukodyo bw'omulabe, mulyoke musobole okuziyiza buli kintu kyonna nga tekinnabatuukako, mukiraba. Ekyo kye kintu ekikulu, okuyiga okwewoma e—eŋŋuumi, nga bw'osobola.

14 Kaakati, ka tulabe ku kino ekibi ennyo . . . okumala obudakiika butonotono, ku kiseera kino ekibi ennyo eky'okwonoona, kye tulimu. Ssikkiriza nti waali wabaddewo olunaku lwonna lwe nnali nsomyeko mu byafaayo . . . Waabaddewokko ennaku ezikyasinzeeyo mu kuyigganyizibwa, abaana ba Katonda bwe battibwa ku buli ludda. Naye bw'olaba obulimba bw'omulabe leero, tetubangako na kiseera kyenkana na kino kye tulimu kaakati. Lwe lunaku olukyasinzeeyo mu bukalabakalaba, n'obulimba. Kale bwe ndaba ebyo, bireeta kino, nti, Omukristaayo alina okwongera okubeera bulindaala leero okusinga bwe yali abadde mu mulembe omulala gwonna.

15 Kati, mu nnaku ziri ez'okuyigganyizibwa, kwa Roma, eri Ekkanisa, Omukristaayo bwe yakolanga ensobi, yatwalibwanga mu kisaawe ky'emizannyo n'aweebwa empologoma ne zimulya, oba ekintu ekifaanana bwe kityo, bwe baamuzuulanga nti Mukristaayo olw'ekyo ky'ayatula nti ky'akkiriza. Wabula emmeeme ye yo yalokolwanga, kubanga yali mukkiriza akkiririza ddala mu Katonda, nga taliimu nkeka yonna, era obujulizi bwe yabussangako envumbo y'omusaayi gwe n'essanyu. Emisuwa bwe gyakutukanga, oba ebituli by'omu mubiri gwe, omusaayi ne gumuvaamu, yaleekaananga, n'okukkiriza okujjuvu okunywevu, n'agamba nti, "Sembeza omwoyo gwange, Mukama Yesu!"

16 Naye, leero, obukalabakalaba bwa ssitaani leero, bukkirizisa abantu nti Bakristaayo so nga ate ekyo si kye bali. Ogwo gwe mutawaana. Tekikwetaagisa kusibako na nvumbo . . . Ki—kiseera ekisingako obukalabakalaba okusinga bwe kyali, luli bwe wabanga olina okusibako envumbo n'o—n'obulamu bwo ku bujulizi bwo. Ssitaani ataddewo obutego bwonna obw'ekikujjukujju bw'asobola, oku . . . Mulimba. Era Yesu yatugamba, mu Matayo 24, engeri ekiseera kino kye tulimu bwe kirifaanana, ekiseera ekisingamu obulimba mu byali bibaddewo, "nga bifaanaganira ddala nnyo kiryoke kirimbe n'Abalonde bennyini aba Katonda ssinga kyali kisoboka ye okubalimba."

17 Kaakati leka tugeraageranye ebimu ku Byawandiikibwa, oba obunnabbi obwogerwako mu Bayibuli, obukwata ku nnaku zino, tubugeraageranye n'ekiseera kye tulimu.

18 Mu Timoseewo Eky'okubiri 3, tuyigamu kino, nti nnabbi yagamba, nti, "Olulituuka mu nnaku zino, abantu baliba bakakanyavu, abeegulumiza, abaagala amasanyu okusinga Katonda." Kati ekyo kigeraageranye, okumala akaseera. Tetujja . . . Tujja kukiyitamu mu bufunze, kubanga tetulina biseera ebyo bimala okubiyitamu byonna nga bwe twandikoze; naye tukikoonako bukoonyi, musobole okukiraba mulyoke mukyetegereze nga muzzeeyo eka. "Abakakanyavu, abeegulumiza, abaagala amasanyu okusinga Katonda; abamenya endagaano, abawaayiriza, abateefuga, abanyooma abo abakola obulungi." "Kati Omwoyo yayogera lwatu nti ebintu bino byali bya kubaawo mu nnaku ez'oluvannyuma." Ennaku ezo ze zino, obunnabbi bwe zoogerako.

19 Kati tusoma, era, ne mu Kubikkulirwa . . . 14, Kubikkulirwa 3:14, manya, Omulembe gw'Ekkanisa ya Lawodikiya, engeri ekkanisa gy'eribeeramu mu biro bino eby'oluvannyuma. Era eriba, Wagamba nti, "Eriba etudde butuuzi awo nga nnamwandu atalina kye yeetaaga. Nga—nga ngagga, nga erina eby'obugagga bingi, kyokka nga tebakimanyi nti baavu, banaku, abasaasirwa, abazibe b'amaaso, era nga bali bwereere, naye nga tebakimanyi." E . . . Kati, jjukira nti, ayogera eri ekkanisa y'omulembe guno, "abasaasirwa, abazibe b'amaaso, abali obwereere, naye nga tebakimanyi." Ebigambo ebyo ebisembayo mu bufunze, Ekigambo ekisembayo ekyo, kye kisinga okweraliikiriza. Balowooza nti bajjula bulungi Omwoyo, nti era bonna beetegefu. Omulembe gw'Ekkanisa ya Lawodikiya gwe Mulembe gw'Ekkanisa y'Abapentekoote, kubanga gwe mulembe gw'ekkanisa ogusembayo. Luther yalina obubaka obubwe; Wesley yalina obubaka obubwe; n'Abapentekoote baalina obubaka obwabwe.

20 N'ekirala, Wagamba, nti, "Kubanga oli wa kibuguumirize, toyokya so tonnyogoga," kukyamuukirira kwa kungulu, Enjiri kugitegeera na magezi ga mu bwongo gokka; "kubanga," Agamba nti, "kubanga oli bw'otyo, ndikuwandula okuva mu kamwa Kange." Amakulu nti, kyamuyisa bubi okulaba ekkanisa nga eri mu mbeera eyo.

21 Ate, jjukira nti, baamuwandula; n'aba nga Ali bweru wa kkanisa, nga agezaako okukomawo ayingire, mu Mulembe ogwo omubi ogw'Ekkanisa ya Lawodikiya.

22 Oyo katonda w'ensi eno leero, asinzibwa mu nsi mu nnaku zino, ye Ssitaani. Naye abantu tebakimanyi nti Ssitaani gwe basinza, so nga oyo Ssitaani ye yeerimbise mu kkanisa, mulaba, yeefudde ekkanisa. Basinza Ssitaani, nga balowooza nti Katonda gwe basinza nga bayita mu kkanisa, naye eyo y'engeri Ssitaani gy'akikozeemu.

"Ha," oyinza okugamba nti, "naye lindako katono; ffe tubuulira Kigambo."

23 Ddamu otunuulire omulamwa gwange, akawungeezi ka leero. Ssitaani ye yabuulira Kaawa Ekigambo, mu kusooka nti, "Katonda yagamba," olaba.

24 Okwo kwe kunyoola ekitundu ekyo eky'Ekyawandiikibwa ekikwata ku mulembe ogwo gwennyini. Ajja kukuleka otegeere nti byonna Yesu bye yakola tebyaliko nsobi yonna. Ajja kukuleka otegeere nti byonna Musa bye yakola tebyaliko nsobi yonna. Naye ggwe bw'oddira ebisuubizo Ebyaweebwa omulembe guno, ate Ebyo n'ogamba nti byaweebwa mulembe mulala ogutali gw'abyo. Kye ekyo kyokka ky'alina okukola, laba, kwe kuddira abantu n'akibakkirizisa bw'atyo, kye ekyo—kyokka. Kubanga, "Tosobola kukitoolako wadde Ekigambo ekimu, oba okukyongerako ekigambo ekimu." Kyokka ekyo ye ky'akola.

25 Abantu, basinza Ssitaani mu butamanya, nga balowooza nti basinza Katonda, nga bwe tulabulwa obunnabbi, mu Basessaloniika Eky'okubiri, nti . . . Ekyo leka tukisome, Abasessaloniika Eky'okubiri, essuula ey'oku 2. Leka tukitunuleko katono, ssinga nsobola okukifuna, mu bwangu, nnandyagadde nkisome. Ddala, nzikiriza, kiri mu Basessaloniika Eky'okubiri, Ekyawandiikibwa kiikino nkirabye, era wagamba nti:

> *Naye tubeegayirira, ab'oluganda, olw'okujja kwa Mukama waffe Yesu . . . n'olw'okukuŋŋaana kwaffe gy'ali,*

26 Kati, laba, "okujja kwa Mukama, n'okukuŋŋaana gy'Ali," nga Katonda bw'Agenda okukuŋŋaanya abantu Be gy'Ali mu nnaku ez'oluvannyuma. "Okukuŋŋaana kw'abantu eri Mukama," si eri kkanisa wabula, "eri Mukama; okukuŋŋaana awamu gy'Ali."

> *Obutasagaasagana mangu mu magezi gammwe, newakubadde . . . okweraliikirira—okweraliikirira, newakubadde olw'omwoyo, newakubadde . . . ekigambo kyonna, newakubadde ebbaluwa efaanana ng'evudde gye tuli, nti . . . olunaku lwa* Mukama *lutuuse.*
>
> *Omuntu yenna tabalimbanga mu kigambo kyonna kyonna: kubanga olunaku luli terulijja wabula nga okwawukana kuli kumaze kubaawo, era nga omuntu oli ow'okwonoona* ("omuntu ow'okwonoona," weetegereze kiki ky'ali kati), *omuntu ow'okwonoona nga alimala okubikkulwa, omwana w'okuzikirira,* (oyo ye yali Yuda, laba);
>
> *Aziyiza era eyeegulumiza okusinga buli kintu ekiyitibwa Katonda oba ekisinzibwa; n'okutuula n'atuula nga Katonda mu yeekaalu ya Katonda, nga yeeraga yekka nti ye Katonda.*

27 Laba obulimba bw'ekkanisa ya leero! Laba, "omwana ow'okuzikirira," ssitaani. "Omwana ow'okuzikirira," ssitaani. Awo nno, abantu basinza Ssitaani mu nnaku zino, nga balowooza nti basinza Katonda. Naye bamusinziza mu biyiiye, mu bibiina by'amadiini ebyagunjibwawo abantu n'ebiyiiye ebiyingizza abantu mu bulimba obukyasinzeeyo ensi bwe yali erabye. Ekigambo kya Katonda, ekyasuubizibwa eky'omu mulembe guno, ne bwe kibuulirwa ne kikakasibwa okwenkana wa, era tebajja kukikkiriza. Tebajja kukikkiriza.

28 Naye lwaki? Twebuuza lwaki. Lwaki tekisoboka . . . lwaki tebakikkiriza? Nga Katonda bw'agamba nti alikola ekintu gundi, era n'Akikola, naye era ne bakyuka ne bakikuba amabega. Mu ngeri y'emu ddala nga Kaawa bwe yamanya nti Katonda bye yali agambye, Katonda yali ajja kubikola; naye era n'akyuka n'abikuba amabega, awulirize oli bye yali agamba.

29 Gwe jjukira nti, ne mu mirembe emirala, bwe kityo bwe kibaddenga mu ngeri y'emu. Mu buli mulembe, Ssitaani abaddenga agezaako okunyoola Ekigambo ekyo gye bali, nga abalaga omulembe omulala.

30 Laba, Yesu bwe yajja, laba, Ssitaani yali mu kibinja ky'Abayudaaya abo abayigiriza, balabbi ne bakabona, nga agezaako okubagamba okukwata amateeka ga Musa, so nga Ekigambo kyennyini kyali kigamba nti mu nnaku ezo Omwana w'omuntu mw'alirabisibwa, laba, nti alyebikkula Ye kennyini. Kale baali bagezaako okulaba nti, kasita babanyweereza mu bunnaddiini, ne ku mateeka ga Musa . . . Mulaba kye yakola? Yali agezaako okubagamba nti, "Ekitundu ekyo eky'Ekigambo kyo kituufu ddala, naye ye Omusajja ono si ye Muntu oli ayogerwako." Mulaba bw'ali omulimba? Ebyo bye biro byennyini eby'okulimbibwa.

31 Bwe kityo bwe kibaddenga, era ne leero bwe kiri, Ssitaani nga asimba obwakabaka bwe ku nsi. Ye eyo yennyini ensonga lwaki akikola, kubanga ayagala okusimbawo obwakabaka obubwe.

32 Nga omusuubuzi, atali Mukristaayo, ajja kukola kyonna ky'asobola okulaba nti akusobozesa okulaba ekintu mu ngeri enkyamu. Bw'aba alina e—ekigendererwa era nga alina w'afuniramu ggwe okukukozesa ekyo, nga akuleetera okulaba ebintu bw'otyo, ajja kukulaga buli kimu ky'asobola, akukweeke amazima gaakyo, kubanga yeeyagaliza yekka. Ne bw'alimba okwenkana wa n'okunyaga, n'ebirala, anoonya w'afuniramu.

33 Kale eyo ye nsonga lwaki Ssitaani akoze kino. Era ayisenga mu buweereza okukikola, nga Katonda bwe yasuubiza nti bw'atyo bw'alikola. Kati, yatandika ng'ayita mu bulimba obw'ekinnaddiini mu lusuku Adeni, era okuva ku olwo bw'atyo bw'abadde agenda mu maaso.

34 Takozesa kuteekawo bibiina bya bannaakalyak'ani. Bannaakalyak'ani kino tekirina we kibakwatirako n'akatono. Ekkanisa gye kikwatako, eyo gy'olina okussaako amaaso, labayo. Ab'oku—ab'okulimba Abalonde bennyini si bannaakalyak'ani. Ekkanisa y'ejja okulimba Abalonde bennyini, olaba. Si bannaakalyak'ani; tukimanyi nti Katonda bo tebamukkiriza, era bawakanya Kristo, ddala ekyo kye bali, mu nnono zaabwe, naye nga bo si *ye* mulabe-wa-Kristo. Omulabe-wa-Kristo munnaddiini, munnaddiini nnyo, era asobola okunokola Ebyawandiikibwa, era n'abinnyonnyolera ddala bulungi.

35 Nga Ssitaani edda bwe yakola ku lubereberye, buli kimu kyonna yakinokolerayo ddala nti, "Katonda yagamba nti, 'Temulyanga ku muti gwonna oguli mu lusuku.'" Olaba, akinokolera ddala nga bwe kiri.

36 Omukazi n'addamu nti, "Ddala, tuyinza okulya ku miti gyonna egiri mu lusuku, naye waliwo omuti gumu wakati mu lusuku Katonda gwe yagaana okuliibwako, wadde, okugukwatako; kubanga, lwe tulikikola, ku olwo lwe tulifa."

37 N'agamba, "Ha, mu butuufu temujja kufa. Naye leka nkubuulire ensonga lwaki Katonda yagamba bw'atyo, lwa kuba . . . " Olaba, kaakati kiki kye yakola? Yanokolayo Amazima gano, olaba. Yagamba nti, "Gujja kuzibula amaaso gammwe, era gujja kubasobozesa okumanya obulungi n'obubi. Olwo mujja kufaanana nga Katonda, ssinga musobola okukikola."

38 Kye ekyo kyokka ky'ayagala okukola, era kintu kye kimu ekyo kyennyini ky'agezako okukola mu nnaku zino. Wabaddengawo obulimba obukolera mu ddiini okuviira ddala ku ntandikwa mu lusuku Adeni, era bubaddengawo okuva ku olwo. Mu biro bya Adamu, bwali bulimba. Mu biro bya Nuuwa, bwali bulimba. Mu biro bya Yesu, bwali kye kimu. Ne kaakano bukyali kye kimu, nkola y'emu, bulimba obwekweese mu ddiini!

39 Kati, tugenda kulaba ensi bwe yali, Katonda bwe yali nga y'akyagifuga. Kati, Katonda bwe yali nga y'agifuga . . . nga ekyali wansi w'okufuga Kwe. N'oluvannyuma, Ssitaani bwe yagyezza, nga agaana Ekigambo kya Katonda. Lumu Katonda ye yali afuga ensi. Yagiteeka mu bwengula. N'agiteekawo, n'etandika okukola. N'akola buli kintu, n'aba nga y'Agifuga. Kaakati eyo tujja kugigeraageranya ne bwe yafaanana nga Ssitaani amaze okugyezza.

40 Kati, Katonda kyamutwalira emyaka kakaaga. Tekyamutwalira bbanga eryo lyonna, naye eryo lye bbanga lye yamala. Emyaka kakaaga, kubanga tuyigirizibwa nti "olunaku olumu mu Ggulu gye myaka lukumi ku nsi," era gy'ali emyaka kakaaga, oba ennaku mukaaga Katonda mwe yakolera ensi. Kati, Katonda kyamutwalira emyaka kakaaga okugiteekawo, okugisigamu ensigo ennungi buli kimu okusobola

okwezaala okusinziira ku nkula yakyo. Buli kimu kirina kuzaala ekikifaanana. Ensigo Ze zonna zaali nnungi, kale zaali ziteekwa kuzaala ezo ezizifaanana. Katonda yamala emyaka kakaaga.

41 Ku nkomerero, yonna bwe yagimaliriza, era ku nkomerero tu...ku nkomerero nga emaze n'okufuna ekitebe kyayo ekikulu, eky'ensi, mu kafo akalungi akaali mu buvanjuba bwa Adeni, nga kayitibwa olusuku Adeni. Katonda ekitebe ekikulu eky'ensi yakiteeka mu lusuku Adeni, mu Misiri, mu buvanjuba bw'olusuku wennyini we waali ekitebe ekikulu.

42 Era entegeka eyo yonna, n'Agiteeka mu mikono gy'omwana We ow'obulenzi ne mukyala wa mutabani We, byonna babifuge. Ky'ekyo. Ekyo Katonda kye yakola. Yabakwasiza ddala obuvunaanyizibwa obw'okufuga mu bujjuvu. Nga basobola okwogera eri embuyaga, n'erekera awo okukunta. Nga basobola okwogera eri omuti, ne guva *wano* ne gudda *wali*.

43 Nga empologoma n'omusege biriira wamu, nga n'akaliga katuula wamu nabyo. Tewaali kabi konna. Gyali mirembe myereere, butebenkevu, nga buli kintu kyonna tekiriiko kamogo, olwo Katonda nga y'akyagifuga. Era ya...laba, Yalina—Yalina ensi eyiye, era byonna byali bitambula bulungi. Bye yakola byonna byali bigenda bulungi. Nga buli kimu kirya bimera; nga tewali kya kufa, nga tewali kya kwonoona, nga tewali kya kwonoonebwa. Nga tewali n'ekimu...Nga byonna tebiriiko kamogo.

44 Kati waggulu w'ebyo byonna, n'Ateekayo abaana Be abaagalwa, mutabani We ne muwala We, omwami n'omukyala, okubifuga.

45 Katonda yali mumativu nnyo! "Era n'Awummula emirimu Gye gyonna, ku lunaku olw'omusanvu," ne Yeetukuliza ekiwummulo kino eky'olunaku luno olw'omusanvu.

46 Kubanga, Katonda yagyekenneenya yonna, ng'amaze okugibumbira mu myaka kakaaga n'okugiteekawo, ng'agiteekawo; n'ayimusa ensozi, n'akozesa empompogoma eziwandula omuliro ne zikukunulayo ensozi, n'ebintu ebyaliwo nga okutulika okwo kugenda mu maaso; ne bigikaza, n'agiteekawo nga bwe yali agyagala. Era ne kiba kifo kirungi.

47 Nga tewali kintu kirwenkana bulungi, olusuku lwa Katonda olw'ekitalo! Agasolo ag'edda ennyo agasingayo obunene ag'ekitalo, n'ebirala byonna, nga birwewaluliramu, n'ensolo ennene; nga zonna tezikola kabi. Nga zonna nzikakkamu nga ka kkapa akato. Nga teziriiko kantu konna; nga te—tewali bulwadde, tewali nnaku; nga ku nsi tekuli wadde akawuka akaleeta endwadde. Ha, nga kyali kifo kya kitalo!

48 Aganyonyi aganene nga gabuuka ku miti gava ku guno gadda ku guli, nga Adamu agayita n'amannya, ne gajja gagwa ne ku bibegabega bye ne—ne gamuyimbiramukko. Ha, kale, nga kyali kifo kya kitalo Katonda kye yalina!

49 Oluvannyuma lw'ebyo n'akola emu ku nkula Ze okuva mu Mubiri Gwe Ye. Katonda mu Mubiri Gwe alinamu enkula ez'enjawulo.

50 Kiringa ggwe, bw'oli enkula ya kitaawo. Era, bwe weetegereza, wali mu jjajja wa jjajja wa jjajjaawo. Naye, mu ekyo, ka tugambe, tujja kukitwala tukifaanaganye nga ggwe bw'oli ne kitaawo. Kati, tewali kintu kyonna kye wali omanyi nga okyali mu kitaawo. Akaweke k'obulamu kava mu kisajja. Ekisajja kye kibaamu akatofaali k'omusaayi; ate omukazi y'abaamu e—eggi; kati, n'olw'ekyo, akatofaali k'omusaayi ke kalimu obulamu. Kale, awo, bwe wali okyali mu ntumbwe za kitaawo, ddala wali tolina ky'okimanyiiko. Naye, ate, ssaayansi n'Ekigambo kya Katonda bikakasa nti wali mu ntumbwe za kitaawo, wabula nga tolina ky'okimanyiiko.

51 Naye ate kitaawo yali ayaayaana okukumanya. Kale nno okuyita mu kutabagana kwe ne nnyoko, bw'otyo walabisibwa eri kitaawo. Kaakati, oli nkula ya kitaawo. Ofaanana nga ye, era olina ebitundu by'omubiri gwo ebifaanana nga ebya kitaawo.

52 Kaakati, bw'atyo Katonda bwe yali ku lubereberye. Buli mutabani wa Katonda na buli muwala wa Katonda yali mu Katonda ku lubereberye. Kaakati tosobola kukijjukira, naye mwe wali. Yali akimanyi. Era yayagala olabisibwe asobole okuwuliziganya naawe, ayogere naawe era akwagale, akukwateko ne mu ngalo.

53 Ggwe mutabani wo tomwagala. . . Teruba lunaku lukulu mutabani wo bw'ajja eka n'olya naye? Bw'akomawo okuva mu ddwaaniro, oba awalala wonna, nga yenna ajjudde enkovu, nga onaamufumbira ekijjulo, n'omuttira ennyana eya ssava, n'ebirala ebiringa ebyo, n'omutegekera! Musaayi gwo era mubiri gwo, era yali mu ggwe. Mu kiseera ekyo wali tomumanyi, naye nga okimanyi nti mwali.

54 Kale ne Katonda yamanya nti twali ba kubeera wano, bwatyo n'atuteeka mu mibiri tusobole okuba nga tukwatikako. Okusobola okukolagana naffe, Yafuuka omu ku ffe bwe Yafuuka Yesu Kristo, Omwana wa Katonda Mwene, obujjuvu bw'okulabisibwa kwa Katonda. N'olwekyo ekyo kye kyali ekigendererwa kya Katonda, okulaga enkula Ze mu kussa ekimu.

55 Bwe nnali nkyali mu kitange, nnali ssirina kye nkimanyiiko. Naye bwe nnafuuka mutabani we n'anzaala, nnalabisibwa, nga ekitundu kya kitange. Kale naawe oli kitundu kya kitaawo.

56 Kati nga abaana ba Katonda, tuli kitundu ku nkula ya Katonda eyali mu Ye, eyayambala omubiri nga Ye bwe yayambala omubiri, tulyoke tusse kimu buli omu ne munne, nga ab'ennyumba ya Katonda ku nsi. Era ekyo kye kyali ekigendererwa kya Katonda ku ntandikwa. Yee, ssebo. Ekyo okuva ku lubereberye Katonda kye yali ayagala.

57 Ebintu byonna ye yali abifuga. N'ateeka omuntu mu lusuku Adeni, nga omuntu wa ddembe okwesalirawo; n'agamba nti, "Mutabani, lulwo."

58 Nga kyali kifo kirungi nnyo! Katonda yali mumativu ddala, n'atuuka n'okuddayo n'awummula okuva mu mirimu Gye gyonna. Tewali muti gwali gubala maggwa na matovu. Enkenene zaali tezibala ku miti gya maggwa. Buli kimu kyonna kyali tekiriiko kamogo. Ensigo zonna zaali teziriiko kamogo. Nga buli kintu kyonna kiri mu mbeera etuukiridde.

59 Kati bwe yagenda okuwummulako, omulabe We n'asenseramu n'obulimba, n'abyeddiza, nga ayita mu kutaputa obubi entegeka Ye eri abaana Be. Bw'atyo, bwe yateeka obwesige Bwe mu mwana We; nga bw'oteeka obwesige mu muwala wo bw'atambulako ekiro n'omusajja; nga bwe weesiga mutabani wo nga atambudde n'omulenzi omulala omunywi w'omwenge oba omunywi wa ssigala. Olaba, yateeka obwesige Bwe mu mwana We, nti tagenda kukola kintu kyonna kikyamu, nti era wa kukuuma buli Kigambo kyonna kye yayogera. Naye omulabe n'asensera; nga omuyaaye oyo ayinza okugenda ne muwala wo ne yeeyisa obubi; oba—oba omukazi bw'ayinza okukola, n'agenda ne mutabani wo, n'akola ekintu kye kimu. Olaba, yasensera. Omulabe wa Katonda yasensera n'ataputa bubi Ekigambo eri Kaawa.

60 Kati, oyo, okuyita mu kugwa kuno, ye yennyini, yeddiza olusuku Adeni n'alufuula lulwe. N'alwezza. Era kati amaze emyaka kakaaga kalamba nga afugira mu bulimba; nga alimbalimba abantu, abaana ba Katonda, nga bwe yakola luli. Kubanga, baali bayimiridde ku musingi gwa ddembe lya kwesalirawo, okukola kyonna kye baali baagala. Nga akkiriza nti baali bagenda kweyisa bulungi, era nga yeesize nti baali bajja kweyisa bulungi, naye ate ne bakomekkereza nga bakoze ekikolwa ekibi, ne batunda obusika bwabwe, nga Esawu bwe yakola, olw'ensi. Era Ssitaani n'agiwamba, n'agyeddiza. Kale amaze emyaka kakaaga nga azimba olusuku Adeni olulwe, nga Katonda bwe yamala emyaka kakaaga okumaliriza olusuku Adeni Olulwe. Era okuyita mu bulimba, okulimbisa Ekigambo, manyanga abantu, kati ataddewo olusuku Adeni olulwe ku nsi eno, mu kwonoona.

61 Olusuku Adeni olwa Katonda lwasimbibwawo mu butuukirivu. Olusuku Adeni olwa Ssitaani lwo lusimbibwawo mu kwonoona, kubanga Ssitaani kye kibi. Katonda bwe butuukirivu, era obwakababaka bwa Katonda bwasimbibwawo mu butuukirivu, mu mirembe, ne mu Bulamu. Naye gwo omusingi gwa Ssitaani guli mu kibi, era nga ekibi ekyo kya mwoyo gwa kinnaddiini.

62 Weetegereze engeri gye yalimbamu, mu bulimba bwe, nga bwe yagamba nti bw'alikola. Kino yasuubiza okukikola. Waliwo

omuntu yenna ekyo abadde akimanyi? Ka tubikkuleko mu Isaaya, oba ebimu ku Byawandiikibwa bino mubyagala. Bwe muba. . . Ndowooza, nsaanye okubinokola mu bungi. Tugende mu Isaaya essuula ey'e 14, tulabeyo katono, twetegereze Ssitaani wano kye yagamba, katono. Mu Isaaya 14, tukisome, tulabe ono kye yakola. Isaaya 14, okutandikira ku lunyiriri olw'e 12.

> *Nga ogudde okuva mu Ggulu, Ayi Lusifa, ggwe omwana w'enkya! Nga otemeddwa okutuuka ku ttaka, ggwe eyamegganga amawanga!*
>
> *N'oyogera mu mutima gwo nti, ndirinnya mu ggulu, ndigulumiza entebe yange okusinga emmunyeenye* (abo be baana), *emmunyeenye za Katonda:* era *ndituula ku lusozi olw'ekibiina, . . . ku* luuyi *olw'obukiika obwa kkono:*
>
> *Ndirinnya okusinga ebire we bikoma; era ndifaanana Oyo ali waggulu ennyo.*

63 Kaakati ebyo bigeraageranye n'Ebyawandiikibwa byaffe bino ebirala ebiri mu Bassessaloniika, bye twalabye, nga bwe yagamba nti, "Atuula mu yeekaalu ya Katonda, ne yeegulumiza waggulu wa buli kimu ekiyitibwa Katonda, awo nga yeeyita Katonda n'alyoka asinzibwa nga Katonda ku nsi."

64 Oyo ye katonda w'ensi eno gwe nnababuulirako ku Ssande ewedde. Wuuno wano leero mu bulimba, mu kiseera ekyo eky'okuliirwamu olukwe, ekiseera ekyo ekikulu kye tulimu kaakati. Kye kiseera ekisingayo mu mirembe gyonna okuba eky'ekitiibwa, kubanga twolekedde Emyaka egyo olukumi emikulu nate; twolekedde Adeni omulundi omulala. Naye mu mulembe guno gwennyini, obulimba bwonna n'obukodyo bwe yali akozesezza okusobola okulimbalimba, byonna abikuŋŋaanyizza wamu ne yeenyweeza; era asse wansi nga yeefudde Katonda, era yeewaŋŋamizza mu kifo kya Katonda; munnaddiini, asobola n'okunokola Ebyawandiikibwa era asobola n'okukubuulira Ebyawandiikibwa, okufaanana nga Ssitaani bwe yakola eri Kaawa mu lusuku Adeni. Wabula ku Kyo abaako akatundu k'alekayo, ekyo kyokka ky'alina okukola, alekayo akawaatwa ako, enjigiriza ya ssitaani ey'obutwa w'esobola okuyita, nga bwe twalaba Akasengejja k'omuntu alowooza ke twali twogerako akawungeezi ka luli.

65 Kati, yagamba nti wa kwegulumiza waggulu w'Oyo ali waggulu ennyo; nti alyeegulumiza waggulu w'ebire n'emmunyeenye, era alituula eyo nga Katonda, abeere waggulu w'Oyo ali waggulu ennyo. Era asobodde okutuukiriza okutiisatiisa kwe. Asoboledde ddala okutuukiriza okutiisatiisa kwe mu ngeri ewuniikiriza, nga abantu bamuleka n'asaabulula, mu buli mulembe, obuzito bw'amakulu g'Ekigambo kya Katonda ekyasuubizibwa eri omulembe ogwo. Bw'atyo

bw'akikoledde ddala. Mu buli mulembe, abaddenga akisaabulula.

66 Mu biro bya Nuuwa, yakisaabulula mbunno kyali tekisoboka enkuba okutonnya nga eva mu ggulu, kubanga, "eyo waggulu teriiyo nkuba." Enjiri ye ey'amaanyi eya ssaayansi gye yabuulira mu lusuku Adeni! Nga asobola okusindika ebyuma ku mwezi n'alaga nga waggulu eyo bw'etaliiyo mazzi. Wabula ye Katonda nga yagamba nti enkuba eritonnya. Naye Ssitaani yalaba obuwanguzi, era n'ateeka obutwa mu birowoozo by'abantu, okuyita mu kunoonyereza kwa ssaayansi, mbu, "kyali tekisoboka." Naye kyasoboka. Katonda yagamba nti kyali kyakubeerawo, era ne kibeerawo. Yakikola.

67 Kati, mu nnaku za—za Yesu, yakola ekintu kye kimu. Era ebirowoozo by'abwe yabiteekamu obutwa nate ng'akozesa obulimba, olaba, nga ataputa obubi Ekigambo. "Oba Ggwe Mwana wa Katonda, leka nkulabe nga obaako ky'okola ku nsonga eyo."

68 Yesu teyamwekongera. Teyakikola. Katonda teyeekonga. Tekimwetaagisa kwanukula buli kibuuzo Ssitaani ky'abuuza. Kye yalina kyokka . . . Yesu yagamba bugambi nti, "Kyawandiikibwa nti, 'Temuubenga balamu . . . Omuntu taabenga mulamu na mmere yokka, wabula na buli Kigambo ekiva mu kamwa ka Katonda.'" Olaba, kyali tekimwetaagisa, ye okwekonga. Kyali tekimwetaagisa kukola migaati. Yali alina obusobozi okugikola, naye awo yandibadde agondera ssitaani, kale nno Yali talina kugondera ssitaani.

69 Era ne ku mulundi guno kibi kya mwoyo gwa kinnaddiini, nga bwe gwali ku lubereberye, nga kisendasenda nnyo. Kyetegereze kaakati. Si kwonoona bwonoonyi okwa bulijjo, obwenzi, okutamiira, n'okulayirira obwereere Erinnya lya Katonda. Si ky'ekyo. Nedda.

70 Mujjukira emyaka mingi egiyise, bangi ku mmwe wano, ab'edda, mujjukira obubaka obwo bwe nnabuulirako, ku ebyo, *Ebirinakuwaza Abantu Ku Lunaku Lw'Omusango*. Malaaya, si gwe baliyiwa ku olwo. Amanyi gy'alaga. Omutamiivu ku olwo si gwe baliyiwa. Omuyiisa w'omwenge, omukubi wa zzaala, omulimba, omubbi, si gwe baliyiwa. Wabula, omuntu oyo alowooza nti mutuufu, awo we waliba okuyiibwa.

71 Ye oyo, aligamba, alijja agambe nti, "Mukama, ssaabuulira Enjiri, ssaagobanga emizimu, mu Linnya Lyo?"

72 Yesu alyoke agambe nti, "Muveewo mmwe . . . Wendi, mmwe abakola eby'obujeemu. Ssibamanyanganako." Laba, awo we waliba okuyiibwa, okuba nga walimbibwa.

73 Ekyo nze ebbanga lyonna . . . awo we bantegeerera obubi. Tekiri nti njagala bwagazi kwawukana ku balala. Ssaagala kuba wa njawulo, naye nnina okuba omwesimbu. Nnina Obubaka, era Obwo buteekwa okutuuka ku bantu. Ekyo kireetera nnyo abantu

obutantegeera. Balowooza nti ssikkiriziganya bukkiriziganya na buli omu. Kye kyokka kye bamanyi, kyokka ate nga nze ndi wa buli muntu, era ngezaako nga bwe nsobola okubaleetera Amazima, nga bwe gateekeddwa ku mutima gwange n'engeri gye galimu wano mu Bayibuli. Era Katonda akakasa n'alaga nga ago ge Mazima, n'olwekyo tewaliiwo kirala kiyinza kukolebwa ku nsonga eyo. Kale, balina kutunuulira Go, oba si ekyo balekeyo.

74 Olaba, tebaagala kugalaba, kubanga baamala dda okwetunda, baatunda obusika bwabwe eri ebibiina ebigunje, ebibiina by'amadiini; okugezaako obusika bwabwe, nga bagezaako okugenda mu Ggulu nga basinziira ku kibiina ky'eddiini ekimu ekyagunjibwa, nga ate Ssitaani byonna kinnakimu ye mutwe gwabyo. Katonda tabangako na ddiini ŋŋunje, tekibangawo. Beetunda eri ebyo, nga mu ebyo, abantu baamu, mwe bataputira Ekigambo ne bagamba mbu kitegeeza *kino* era kitegeeza *kiri*.

75 Katonda teyeetaaga mutaputa. Ebibye y'Abyevvuunulira. Teyeetaaga mulala yenna kumubuulira ngeri ya kukikolamu. Yeemalirira. Yayogera nga bw'Alikikola, era bw'atyo bw'ateekwa okukuuma Ekigambo Kye. Bwe yagamba nti, "Obubonero buno bunaagobereranga abo abakkiriza," ekyo kyennyini kye yali ategeeza. Buli kye yayogera nti kya kubeerawo, yagamba nti kya kubeerawo mu nnaku zino ez'oluvannyuma, era nti waliwo ebintu by'Alikola, era abikoze. Talina kwebuuza ku muntu yenna oba ekiseera kituuse oba tekinnaba. Ekiseera akimanyi, n'entegeka yonna nga bweri.

76 Kaakati, Ssitaani, omulimba ono, nga bw'ayogerwako mu Matayo 24:24, n'obulimba obuyitirivu. Kaakati, tukiraba nti okuyita mu ntegeka ze ez'okusoma obusomi enjiri mu kumanya kw'obuntu, obuyigirize obusingako, empisa ez'obuntu eza waggulu, okuvumbula okw'omulembe, n'ebirala, by'akozesezza okuloga abantu abaagala okuweereza Katonda, ne bakkiriza obulimba bwe.

77 Kaawa ekyo yali tayagala kukikola, naye yamulaga nga bwe kyalimu amagezi agasingako. Omukazi yali tamanyi; kale n'ayagala amanye. Yali tategeera, kale n'ayagala ategeere. So nga Katonda yali yamugamba obutagezaako kutegeera.

78 Nnyinza ntya okubaako kye ntegeera ku bintu bino byonna? Ssisobola kubitegeera. Mbikkiriza bukkiriza. Tekinneetaagisa kubitegeera. Katonda kukkiriza, so si kutegeera. Tukkiriza bukkiriza bye yayogera.

79 Kati, wano geraageranya olusuku Adeni olwa Katonda n'olwa Ssitaani, oluvannyuma lw'emyaka kakaaga egy'okukyamya enzivuunula entuufu ey'Ekigambo kya Katonda ekyasuubizibwa eri omulembe. Kaakati leka tubigeraageranye, tulabe wa we tuli. Nga bwe yakola eri ekkanisa eyaliwo mu—mu biseera bya Kristo, mu Yesu, nga agezaako okulemesa—

okulemesa abaana ba Katonda abawulize baleme okumanya Amazima. Abo ba Katonda. Katonda abaana Be yabateeka wano, abo nga z'enkula Ze, batabaganenga naye okuyita mu kuwulira Ekigambo Kye.

80 Watya ssinga kitaawo akugamba, nga oli mwana muwulize owa kitaawo, n'akugamba nti, "Mutabani, togendanga mu mazzi gali, okuwuga, kubanga mu mazzi ago mulimu goonya"; kyokka omulala n'akomawo n'akugamba, nti, "Mu butuufu, amazzi amalungi agenkanidde awo, tegaliimu goonya"? Kaakati ogenda kuwuliriza ani ku bombi? Bw'oba nga ddala oli mwana we omuwulize, ojja kuwuliriza kitaawo.

81 Era omwana wa Katonda omutuufu ow'obuwala oba ow'obulenzi Ekigambo kya Katonda ky'akulembeza. Ssi kikulu omulala yenna kiki ky'akyogerako, bo Ekigambo kya Katonda kye bakulembeza. "Mu kikopo mulimu obutwa," bakikkiriza bukkiriza.

82 Nga balina okukkiriza mu Kigambo Kye kyonna, Ezzadde Lye, lyaleeta olusuku Adeni olw'obutukuvu, okwagala, n'Obulamu Obutaggwaawo. Olusuku Adeni olwa Katonda ebyo bye lwazaala, butukuvu. Ne lireeta olusuku Adeni olw'obutukuvu, olw'okwagala, okulumirirwa, okutuukirira, n'Obulamu Obutaggwaawo. Ebyo Katonda by'asiga: Ekigambo Kye, Ensigo Ye. Ky'ekyo Ekkanisa Ye ky'egenda okuba ku nkomerero; egenda kuba ekintu kye kimu.

83 Labayo, ekirowoozo kiikino. Tokyerabira. Ndiddamu okukyogerako omulundi omulala oba mu Bubaka obulala. Naye, omanyi, Katonda yagamba nti, "Buli nsigo ebale ekika kyayo." Ekyo kiragiro kya Katonda? Kati omubuulizi aba agasa ki, oba omuntu omulala yenna, bw'agezaako Ekigambo ekyo okukyogeza obulala? Olaba, buli Kigambo kya Katonda kyonna Nsigo. Yesu bw'atyo bwe yagamba nti, "Nsigo omusizi gye yasiga." Kale oba nga Makko 16 Kigambo kya Katonda, kijja kuzaala mbala yakyo. Malaki 4 bwe kiba nga Kigambo kya Katonda, kijja kubala mbala yakyo. Na buli kisuubizo ekirala kyonna kiteekwa kubala mbala yakyo.

84 Olaba, Ssitaani omulaba wano bwe yeekwese? Agezaako okugamba nti, "Si bwe kiri, tekiri bwe kityo." Mukitegeera? Mulaba, Ssitaani agamba nti, "Ha, Ekyo si kya nnaku zino. Ekyo, ekyo—ekyo . . . Ekyo kyali kya kiseera kirala ekyayita. Ate, n'okuba ekyo si kye kitegeeza."

85 "Buli nsigo eteekwa kubala mbala yaayo." Bw'atyo Katonda bwe yasimba olusuku lwe Adeni. Si bwe kiri?

86 Era kiikino wano: Bw'atyo Katonda bw'ateekawo Ekkanisa Ye, buli Kigambo kyonna n'embala y'akyo! "Omuntu taabenga mulamu na mmere yokka, naye na buli Kigambo ekiva mu kamwa ka Katonda."

Okiraba? Ssitaani, ye ajja kutwala kintu kirala, naye Katonda ye yagamba nti, "Buli nsigo nga embala yaayo bw'eri."

87 Oba nga ekisuubizo kyagamba nti, "Obubonero buno bunaagobereranga abo abakkiriza," kati yo ekkanisa egamba nti, "Weegatte bwegassi ku kkanisa. Yatula enzikiriza. Yiga katekiisimu."

Mu Bayibuli yonna temuli bintu bifaanana bwe bityo.

88 Naye ye Yesu yagamba nti, "Obubonero buno bunaagobereranga abo abakkiriza: mu Linnya Lyange banaagobanga emizimu; banaayogeranga mu nnimi empya; bwe banaakwatanga ku misota, oba bwe banaanywanga ebintu ebitta, tebiibakolenga kabi; bwe banaateekanga emikono ku balwadde, banaawonanga." Ani oyo ayinza okusambajja Ekyo? Mukiraba?

89 "Buli nsigo ejjanga kubala mbala yaayo." Bw'oba oli nsigo ya Katonda, enkula ye, mutabani wa Katonda, awo Ekigambo kya Katonda kiba kyakusigibwamu. Okiraba? Kale nno bw'owulira Ekigambo kya Katonda nti, "Endiga zange ziwulira Eddoboozi lyange; omugenyi tezimugoberera." Mukitegeera? Olwo, "buli nsigo eba ebala mbala yaayo."

90 Kati tulaba nti, buli nsigo bwe yabala nga embala yaayo bw'eri, temwalimu kufa mu lupya. . . mu lusuku olwo Adeni. Mu lusuku Adeni olupya temujja kubaamu kufa. Olaba, temwalimu, kintu kirala kyonna okujjako obutukuvu, obulongoofu, n'Obulamu Obutaggwaawo.

91 Kaakati, olw'obutakkiriza mu Kigambo kya Katonda kyonna mu bulamba bw'akyo, kye kireese ensigo y'obutali butukuvu mu lusuku Adeni olwa Ssitaani. Kaakati tuyingira Ssitaani we yeddiza nnamulondo, nga omulabe-wa-Kristo, mu lusuku Adeni olwa—olw'okunsi eno, olusuku Adeni olw'ekibi, eddiini eyawaba. Teyatandika nga agamba nti, "Nze Ssitaani. Nze malayika ow'ekitalo." Nedda, si ku ebyo, wabula yatandikira ku kukyamya Kigambo kya Katonda. Era bw'atyo bw'atadengawo obwakababaka bwe, mu buli mulembe. Era kaakati mu mulembe guno ogw'obulimba obw'ekitalo, yeetegese okutuula ku nnamulondo ye, nga ayita mu bantu be! Yeesimbiddewo olusuku Adeni olw'amagezi ag'obwongo, olw'obuyigirize, olwa ssaayansi; ddala, ababuulizi bannassaayansi, ekkanisa ya kinnassaayansi, okusomerera eby'eddiini kwa kinnassaayansi, buli kimu kyonna kya ssaayansi mwereere. Buli kimu kyesigamiziddwa ku bumanyi. Ekkanisa yonna mu bulamba ezimbiddwa ku bumanyi. Tezimbiddwa ku kukkiriza.

92 Olumu nnagenda okukuba olukuŋŋaana mu kizimbe ekkanisa y'omuntu omu mwe yali esabira. Kyali kizimbe gaggadde eyo mu bugwanjuba okuva wano. Yali musajja mulungi, naye ebintu bino bye twogerako ye nga abiwakanya. So

nga ate, yali . . . Bambi nnamwagala; yali musajja mulungi, nga musajja mukulu. Ekibiina kye bwe kyafuluma . . . Ekizimbe ekyo kyali kituuza abantu nga kakaaga. Ekibiina kye bwe kyafuluma, mu kusaba kw'olw'eggulo, nga bali abantu nga lukumi mu bitaano, bonna baali bantu bayivu abambadde obulungi. Ne ntuula wali ne mbatunuulira.

93 Omusajja kye yakola, yabuulira obubaka bulungi nnyo. Oluvannyuma n'abuuza oba waaliwo abaagala okukkiriza Kristo; bawanike buwanisi emikono gyabwe. Naye tewali yawanika mukono gwe. Ku nkomerero ne wabaawo omukazi eyawanika emikono gye. Omubuulizi n'agamba nti, "Kale, kaakati ggwe omaze okufuuka Omukristaayo," n'ategeka okumubatiza. Bwe yafuluma . . . N'awongayo n'akaana akawere, n'akanyweegera era n'akasabira, n'asiibula ekibiina.

94 Ekibiina kye bwe kyafuluma, abantu bonna nga balungi, bayivu, baasoma. Nnali nnyimiridde ku mabbali, omusajja oyo mmukwateko mu ngalo mmwagalize emikisa gya Katonda, ng'afuluma.

95 Bwe nnakikola, abantu bange ne bayingira. Baali tebasobola kubakkiriza kuyingira nga ababe bakyalimu. Abange ne bajja, mu bugaali bw'abalema, obutanda bw'abalwadde, abambadde ebiziyiza abalalu okwesumulula, abatabufu b'emitwe, n'aba buli ngeri. Mulaba enjawulo? Ky'ekyo. Ekyo kye kintu kye njogerako, mukiraba. Mukiraba, kintu kya njawulo.

96 Nga, okozesa amagezi aga ssaayansi, osobola okubuulira Enjiri *ey'ekitegeevu*, nti, ggwe, "oyo akkiriza Yesu Kristo talisalirwa musango," olaba.

97 Naye ekigamba nti, "Obubonero buno bunaagobereranga abo abakkiriza," olaba, Ekyo kimulema okuteekamu, olaba. Omukazi yakkiriza Yesu Kristo, yalokoka, obubonero buno bwe buba nga bunaagobereranga omukkiriza.

98 "Era oyo awulira Ekigambo Kyange," si akirowooza obulowooza, si kukiwulira buwulizi na matu, naye, "kukitegeera." Omuntu yenna asobola okukiwulira; malaaya asobola okukiwulira naye n'asigala nga malaaya; olaba, omutamiivu asobola okukiwulira; omulimba asobola okukiwulira era n'asigala nga mulimba. Naye, "Oyo ategeera Ekigambo Kyange, n'akkiriza Oyo eyantuma, alina Obulamu obw'emirembe n'emirembe." Bwe kityo bwe kiri, laba.

99 Era tewali muntu asobola kukola ekyo okujjako nga Katonda yamwawulirawo dda. Yesu yagamba nti, "Tewali asobola kujja Gyendi, okujjako nga Kitange y'amuwaludde, era abo bonna Kitange be yampa ba kujja Gyendi." Amiina. Kwonna kwonna kwemalirira na kumanyirawo kwa Katonda. Abeerera yekka era tewali amubuulira kiki eky'okukola.

100 Kaakati, olw'obutakkiriza, olw'obutatwala Kigambo kya Katonda kyonna mu bujjuvu, kye kireese ensigo

y'obutakkiriza, obutaba batukuvu, obwonoonyi, obukyayi, n'okufa Okw'emirembe n'emirembe mu mulembe gw'ekkanisa guno omwonoonyi, ogw'amagezi ag'obuntu. Mukifunye kati? Mu mulembe guno, nga ensi yonna ekkiririza mu ddiini! Ekyo mubadde mukimanyi? Ensi yonna ekkiririza mu ddiini. Era mu mulembe guno ogw'ekinnaddiini, nga amasinzizo amanene gali buli wamu; buli kimu, ekintu kyonna kiggweera mu Ssitaani nga y'asinzibwa. Kiikino wano, wano wennyini mu Bayibuli. Ky'ekyo. Era mu matendekero g'eddiini gano, agatendeka omuntu eby'eddiini eby'omu mutwe ebyereere n'atendekebwa mu njogera, kiki eky'okukola, engeri gy'alina okwefuga, na buli kimu nga okusoma embeera z'abantu, okumala emyaka esatu oba ena, nga asoma okumanya engeri y'okukwatamu ebirowoozo by'abantu. Mukiraba, ebyo . . .

101 Omwoyo wa Katonda si kye kintu, ggwe, ekikuyigirizibwa mu ssomero. Wabula kye kintu ekyakuteekerwateekerwa, n'omukono gwa Katonda ogw'Amaanyi. Ebintu by'oyitamu n'ebikutuukako tosobola kubiyigirizibwa mu ssomero oba kubitendekebwamu. Byakuteekerwateekerwa, olw'omukono gwa Katonda n'okumanyirawo kwa Katonda, ne bikuteekebwamu. Ky'ekyo.

102 Kati, kyavaamu olusuku luno Adeni olw'ekitalo kati lwe babeeramu, olusuku Adeni olw'ekkanisa ey'ensi. Kaakati bonna bagenda beegattira mu Kakiiko akakulu akagatta Amakanisa gonna, era bagenda kuba n'ekkanisa nga ya nsi yonna nga bonna bagenda kuba wansi w'obukulembeze bumu, Ssitaani mw'agenda okuwaŋŋamizibwa ku nnamulondo, ky'ekyo kyennyini.

103 Era okuyita okusembayo kaakati kugenda mu maaso, okusobola okujjayo Omugole nga ekintu ekyo tannakiyingiramu. Kubanga ssinga ageza n'ayingira mu kintu ekyo, abeera afunye akabonero k'ensolo, era aba asaliddwa omusango, aba talisobola kukivaamu. Eyo ye nsonga lwaki agambibwa, nti, "Mubaveemu, mmwe abantu Bange," nga tebannakayingiramu, olaba. "Mubaveemu, mweyawule."

104 Kaakati, obukyayi n'okufa, n'okwawukanira ddala ku Katonda Emirembe gyonna, mu lusuku luno Adeni; okwegomba, obugwaagwa, okukyamizibwa, (byajja bitya?) okuyita mu kusiga ensigo enkyamu.

105 Kinzijukiza okwolesebwa kwe nnafuna nga ssinnasisinkana Bapentekoote, okw'Omusajja oli nga yeetooloola ensi yonna, mu byambalo ebyeru. Emirundi mingi mumpulidde nga nkwogerako. Ne wabaawo eyamuvaako emabega, nga agenda asiga ensigo ezikontana n'ey'amazima.

106 Naye mu ngeri emu yaluwangula, okuyita mu Kaawa . . . mu lusuku Adeni, olwa Kaawa okwegomba ekibi; okwegomba

kwa Kaawa, eri ekibi. Awo nno, oba nga Kaawa bwe yeegomba amagezi ag'okumanya, kwali kwonoona.

107 Naffe bwe twegomba amagezi ag'okumanya, nga twagala ddiguli eza Ph.D., LL.D., okukola bwe tutyo kuba kwonoona. Ebyo bigambo bikalubo, naye ge Mazima. Wadde bikalubo okwenkana wa, gasigala nga ge Mazima, olaba. Okwegomba amagezi ag'obuntu, okutegeera!

108 Ekiriwo kiri nti, nti, ennaku zino tetugezaako kunyweza Kigambo kya Katonda mu mitima gy'abantu. Tugezaako kwenyweza ffekka. Amakanisa gagezaako kusimba njigiriza zaago, mu mutima gw'omuntu.

109 Twalagirwa kusimba Kigambo kya Katonda. Pawulo yagamba nti, "Ssajja gye muli na bigambo bya bantu ebisendasenda, okukkiriza kwammwe kulyoke kubeere mu magezi ga buntu; naye nnajja gye muli mu maanyi, mu kulabisibwa kw'Omwoyo Omutukuvu, okukkiriza kwammwe kulyoke kubeere mu Katonda." Kiikyo.

110 Omuntu si ggwe oteekeddwa okweteekawo. Tukisanga mu. . . Katonda leka abeeko ekintu ky'akolera omuntu amutume, onaagenda okulaba nga buli omu agezaako okukikopperera. Olaba, bagezaako kweteekawo bo bennyini. Buli omu mbu, "Nze nnakola *kino*. Nze, nze, ebyange, eddiini yange, nze, *kino*," nga be bessaawo. Kiki kye tubuulirako, twebuulirako oba tubuulira ku Bwakabaka bwa Katonda?

111 Simba Kigambo kya Katonda. Jjawo obutakkiriza onyweze Obwakabaka bwa Katonda mu mutima gw'omuntu. Ate Obwakabaka bwa Katonda tebuyinza kusimbibwa mu mutima gwa muntu okujjako nga omuntu oyo Katonda y'amukoze bw'atyo. Tayinza kuteekebwamu. . .

112 Era, jjukira nti, ekitundu ekisinga okulimbalimba, abantu balowooza nti kye kituufu. Olaba. "Waliwo ekkubo erirabika mu maaso g'omuntu nga ttuufu." Buli mukenkufu mu magezi ag'obwongo yeeraba nga mutuufu.

113 Nga bwe nnabagamba Ssande ntono eziyise; bwe nnayimirira ku mabbali g'omwana wange nga afa, Ssitaani nga ayimiridde awo n'agamba nti, "Kitaawo wuuli, yagenda kufiira mu mikono gyo ekiro kya luli. Mukazi wo wuuli agalamidde mu—mu ggwanika, n'omwana wo wuuno naye agenda. Ate nga wasabye Katonda akuddemu, naye yasiseeyo busisi. . . Yakuziyizza n'olutimbe oluddugavu. Kati, kyokka ate nga Ye Katonda omulungi, era ogamba mbu Awonya. Kati nno ggwe, ayimiridde ku ekyo kye wagamba mbu kituufu, ggwe mukyamu." Ha, buli nsonga yonna, okutegeera kwange kwonna mu bulamba kwalina okukkiriza nti kyali kituufu; era yali mutuufu, mw'ebyo byonna.

114 Era yali mutuufu bwe yagamba Kaawa nti, "Amaaso gammwe gajja kuzibuka, era mujja kwawula ekirungi n'ekibi.

Era mujja kufaanana nga bakatonda, bwe mutyo, nga mwawula wakati w'obulungi n'obubi," kubanga mu kiseera ekyo Katonda yali tannabasobozesa kweraba, nti baali bwereere. Kale baakitegeera nti bajja kwawula obulungi n'obubi; era yali mutuufu. Naye, omanyi, ekyo kyali kikontana n'Ekigambo kya Katonda.

115 Bwe batyo n'abaweereza abali mu matendekero g'eby'eddiini bwe bali, nga basomerera eby'eddiini ebyagunjibwa abantu; kiyinza okulabika nga ekirungi, yandiba nga ngeri ya kukitegeera bulungi okusingawo, naye kikyamu.

116 Tekitwetaagisa kukitegeera. Tukikkiriza bukkiriza kubanga Katonda bw'atyo bwe yagamba, era ekyo kitumalira ddala emirembe gyonna. Kyonna mu bulamba, bwe kityo bwe kirina okukkirizibwa.

117 Ha, Kaawa nga yeegomba okufuna diguli eya Ph.D., laba, nga yeegomba okuba omugezi okusinga bwe yali!

118 Laba bwe bafaanana ennyo, omusajja ne mukazi we . . . Kati laba, omusajja ne mukazi we, bombi nga bali bwereere mu lusuku Adeni, mu lusuku Adeni olwa Katonda.

119 Kati ŋŋenda kumaliriza. Nnagambye nti ŋŋenda kutwala eddakiika ntono. Mutunule, kati mwetegereze, nga mmaliriza.

120 Mugeraageranye kino kati, nga bwe bafaanagana omusajja ne mukazi we, bombi mu lusuku Adeni olwa Katonda, nga tebaliiko kagoye konna, naye nga tebakimanyi. Kale lwaki baali tebakimanyi? Kubanga obusimu bwabwe obubasobozesa okumanya nti baali bwereere bwali bubikkiddwako, n'Ekibikkako Ekitukuvu, eky'Omwoyo Omutukuvu. Baatunuuligananga, naye ne batamanya nti bali bwereere. Baali babikkiddwaako Omwoyo Omutukuvu, ow'obutukuvu. Baali babikkiddwaako.

121 Abantu abaliko ekibikkako kya Katonda, ne leero, basobola okutunula ne bateegomba. Bakyusa amaaso gaabwe ne batunula eri. Ekibikkako Kitukuvu, olaba, Kibikkako Ekitukuvu. Amaaso gaabwe Katonda yali . . . bombi baali, omu yali musajja ate nga omulala mukazi, naye nga tebamanyi nti baali bwereere, kubanga obutukuvu bwa Katonda bwali bubabisse ku maaso. Laba, Katonda emitima gyabwe yali agibisse obutalaba kibi, ng'akozesa Ekibikkako Ekitukuvu.

122 Ssinga nno tubadde n'obudde okukikwatako ekyo, mu budakiika butono. Labayo wano, "Kubanga ye, omusinza nga alongooseddwa," Abaebbulaniya, "nga omusinza amaze okulongoosebwa, aba takyamanyi kibi." Ekibi kiba kimuvuddeko.

123 Nnawulidde Ow'oluganda Neville nga agamba, enkya ya leero nti, wayinza okuba nga waabaddewo amubuuza lwaki ssaabuuliddde ku Mwoyo Omutukuvu, lwaki ssaakoze *kino*.

Kiikino. Omwoyo Omutukuvu bye bikolwa ebiri mu ggwe. Bwe Bulamu, so si kukyamuukirira; era si bukakafu obulabikira ku mubiri. Wabula ye Muntu, Yesu Kristo, Ekigambo kya Katonda nga kisimbiddwa mu mutima gwo, okufuula buli Kigambo ky'omulembe guno okuba ekiramu. Ddala. Omwoyo Omutukuvu omulabira ku by'akola, okusinga okumulabira mu kulabisibwa; wabula, mu bikolwa, ebyo by'Akola okusinziira ku Kigambo.

124 Laba kati Omwoyo Omutukuvu, ow'Ekigambo kya Katonda Ekitukuvu, yali mu musajja n'omukazi nga bali bwereere, naye nga tebakimanyi. Nga kyali kirungi, Obulamu obw'Ekigambo; Ensigo, Ekigambo!

125 Katonda yagamba nti, "Waliwo omuti wakati mu lusuku, omukazi. Era wakati mu lusuku we wali omuti guno; n'okugukwatako temugukwatangako. Kubanga, lwe muligulyako, lwe mulifa." Baali babikkiddwaako obutukuvu, nga tebalina na kye bagumanyiiko, nga tebasobola na kugukwatako.

126 Baali babikkiddwaako obutukuvu. Baaliko obukuumi mu kifo Katonda kye yabazimbira. Baali balamu. Tewaaliwo kufa we baali. Aleruuya! Baalina okwagalana okutuukiridde buli omu eri munne, n'Obulamu obutuukiridde emirembe gyonna. Baalina okwagalana okutuukiridde, okutegeerera ddala mu bujjuvu okwagala kwa Katonda. Baalina Ekigambo kya Katonda, era nga bakikuuma. Era baali balamu nga batebenkedde mu lusuku Adeni olwa Katonda, nga tewali kufa kwonna, n'akatono, okumpi nabo.

127 Oluvannyuma, Ssitaani n'aleetera Kaawa okuwuliriza enjiri ye ey'okusomerera eby'eddiini, enjiri ey'amagezi ag'obuntu, okweyongera obuyivu, empisa ez'ekikungu ezisingako, obugunjufu obusingako, obuyigirize obwa wagguluko, n'ebirala; kale nno bwe yatuuka ku. . . bwe yayimirira n'amuwulirizaako eddakiika emu, okukubaganya kwe okw'ebirowoozo (kwe tulagirwa okusuula wansi), bwe yasobola okubimuwulirizisa.

128 "Kati, labayo wano, ekkanisa eyitibwa erinnya *gundi*. Bukya etandikibwawo kati ebbanga ddene nnyo. Ekkanisa yaffe y'emu ku ezo ezisingayo obukadde mu ggwanga. Mmeeya w'ekibuga kino gy'asabiramu." Ssifaayo kiki ky'eri, laba. Kasita eba nga ewakanya Ekigambo kya Katonda, naawe giwakanye. Oyo mulabe wo. Ekintu kyonna ekiwakanya Ekigambo oyo aba mulabe wo.

129 Buli kintu kyonna ekiri ku ludda lw'Ekigambo oyo aba muganda wo. Aba kitundu ku ggwe.

130 Labayo, yeeyambula Ekibikkako Ekitukuvu, asobole okulabira ddala kiki okwegatta kw'omusajja n'omukazi kye kwali; kigeraageranye ekyo, okwegomba kiki ddala kye kwali kuyinza okukola. Yebikkulako Ekibikkako ku maaso ge, ekintu ekitukuvu Katonda kye yali atadde ku maaso ge.

Yayagala okumanya, okutegeerera ddala byonna ebikikwatako; kye yava yeebikkulako Ekibikkako asobole okulaba byonna ebyali bikikwatako. Yawuliriza ssitaani, era laba obuzibu bwe kyamuteekamu.

131 Okuva ku olwo bakozenga ekintu kye kimu mu buli mulembe oguddiridde, nga badda ku ludda lw'amagezi ag'obwongo; era kati bazimbye obwakabaka bwa Ssitaani, amagezi g'obuntu, ensigo ye gye yasiga, era ebunye ensi yonna n'egifuula olusuku Adeni olw'okufa.

132 Kati weetegereze. Kati laba Okubikkulirwa 3, Omulembe gw'Ekkanisa ya Lawodikiya. Ggwe kirowoozeeko mu mutima gwo.

133 Kati wekkaanye. Omukazi, Kaawa, ye nnaabakyala wa Ssitaani. Laba, Ssitaani, omusota, gwe gwasooka okutuuka ku Kaawa nga Adamu tannamumanya. Okiraba? Ky'ekyo. Kale ne gumusendasenda, laba; kale Ssitaani, omusota, gwe gwasooka okuba bba wa Kaawa nga Adamu tannamumanya. Okiraba, gwamusendasenda. Bayibuli egamba nti bwe gwakola, olwo, omukazi n'alyoka amanya nti yali bwereere. Olaba?

134 Kaakati tunuulira omu—Omulembe gw'Ekkanisa ya Lawodikiya. Omukazi, Kaawa, atudde nga nnaabakyala wa Ssitaani. "Mugagga mu bintu by'ensi; muzibe wa maaso, era na kati ali bwereere, kyokka nga takimanyi," mu ngeri y'emu ddala nga bwe kyali mu lusuku Adeni olwa Katonda. Naye kaakati, si lwa kuba nti Ekibikkako Ekitukuvu kiri ku maaso ge, wabula kibikkako kya kwegomba okw'omubiri. Kubanga, yayambulako Ekibikkako Ekitukuvu ekya Katonda, n'ayambala ekibikkako eky'okumanya, olw'okwegomba okw'omubiri. Kale kaakati alina kibikkako kya kwegomba kwa mubiri, amaaso ge kye gavudde "gaziba" n'atasobola kulaba nti kibi. Ali "bwereere" nga yeetaaya mu luguudo, "naye nga takimanyi." Malaaya mu luguudo. Bano abakazi abambadde empale ennyimpi, mu maaso ga Katonda, bamalaaya, "wabula nga tebakimanyi."

135 Weetegereze, twala abakazi baffe nga eky'okulabirako. Kati, bw'oba oyagala okulaba mbeera ki ekkanisa gy'erimu, weetegereze abakazi engeri gye beeyisaamu. Bulijjo omukazi kye kifaananyi ekyoleka ekkanisa. Mu lusuku Adeni olwa Ssitaani, olw'ekibi n'obutakkiriza, obwonoonefu bw'ekinnaddiini; obwakabaka obwakyamizibwa. Mu kifo ky'okutwala Ekigambo kya Katonda, baatwalamu kuyiga kw'abantu okw'obwongo. Mu kifo ky'okutwala Ekkanisa, batuttemu kibiina ekigunje, era bakireeta wansi w'omutwe gumu ogw'obufuzi.

136 Kati weetegereze, baayonoonebwa okuva mu butamanya kibi. Kati kino temukisubwa. Ekkanisa ebadde n'ekibikkako kino eky'okwegomba okw'omubiri. Laba kye kigikoze. Ki—kigyoonoonye n'eva mu butamanya kibi n'edda mu magezi g'okumanya ag'obuntu. Olaba? Bwe yali ekyalina

Ekibikkako Ekitukuvu, yali temanyi kibi; bwe yafuna ekibikkako eky'okwegomba, n'efuuka ya magezi ga kumanya. Emanyi nti gasanyusa. Emanyi kye gakola, olaba. Kibala, muti ogwegombebwa, ogufuula omuntu omugezi. Olaba? Eyonoonese okuva mu butamanya kibi n'edda mu magezi g'okumanya ag'obuntu, okuva mu butukuvu okudda mu bucaafu n'okwegomba okw'omubiri, era evudde mu Bulamu n'edda mu kufa.

137 Obwakababaka buno buteekwa okufa. Obwakababaka buno bujja kufa! Katonda w'Eggulu ajja kubuzikiriza okuva ku maaso g'ensi.

138 Wekkaanye, mu bwoonoonefu buno, bubakyusizza abadde omusajja n'afuuka omukazi, ate abadde omukazi n'afuuka omusajja, "kyokka nga tebakimanyi." Kibala kyennyini ekinyirira eky'omu lusuku Adeni olwa Ssitaani, ssinga weetegereza ku nguudo ennaku zino, mu bantu baffe ab'omulembe.

139 Laba, yali Kaawa Ssitaani gwe yakozesa okwonoonesa Adamu olw'amaanyi ge ag'okwegomba okw'omubiri. Kati kye kimu, ennaku zino bakola ekintu kye kimu. Laba, enviiri enkomole, amaaso amasiige langi, bambadde mu ngeri y'ekikaba, laba, akola ebyo, naye n'atamanya nti ebintu ebyo byonna bikontana n'Ekigambo kya Katonda. Okusala enviiri ze, kimufuula omukazi atalina kitiibwa n'akatono, era malaaya. Okwambala empale ennyimpi, kimufuula ekyennyinyalwa. Okwambala enkunamyo, kimufuula malaaya. "Kyokka nga takimanyi," si lwa butukuvu bwa Katonda; wabula lwa kwegomba kw'omubiri okwa Ssitaani. Omukazi ye yaleetera . . . Omukazi y'aleetera Adamu we okwegomba omubiri gwe.

140 Yeeyambulamu engoye Katonda ze yamwambaza luli, mu lusuku Adeni, olw'olugendo lwe okuyita mu—mu ddungu lino. Yazeeyambula. N'asigala bwereere. So nga, Katonda yali amwambazza yenna amaliba; n'atandika okugenda nga agakendeeza mpolampola buli kiseera, kaakati azzeeyo nga bwe yali ku ntandikwa.

141 Kaakati omukazi addidde Adamu we n'amwambaza obugoye bwe obw'omunda. Omusajja ayambala obuwale obwo obumpi obumufaananya nga atali na musajja, n'afuluma ebweru, ssirowooza nga mu ye mulimu ak'obusajja konna. Kye kisajjasajja ekyeefaananyiriza abakazi mu be nnali ndabye. Olaba? Laba, omukazi addidde Adamu we eyayonooneka n'amuleetera okweyisa nga ye, olaba, nga omusajja y'ayambala obugoye bw'omukazi obw'omunda. Omukazi yalaba bye yali asobola okukola erudda eri bwe yeeyambulamu engoye ze zonna n'asigala mu bw'omunda. Ezo ze mpale ennyimpi. Kyeraga bwerazi, ezo ze ngoye z'abakazi ez'omunda, kyokka leero wuuno wano Adamu we z'ayambala. Nga ekyo, okusinziira

ku Kigambo kya Katonda nnakabala, "Kya muzizo omukazi okwambala engoye z'omusajja, n'omusajja okwambala engoye z'omukazi," okusinziira ku Kigambo kya Katonda nnakabala. Ggwe kirowoozeeko!

142 Ennaku zino, omusajja naye akuza enviiri ne ziggwa mu maaso nga ez'omukazi, n'azikomola. Azisanirira ne zeegolola, n'azissaamu amayengo. Ebimu ku bintu ebikyasinzeeyo okulwaza mu bye nnali ndabye mu bulamu bwange, be bamu ku baana bano wano be tulina ennaku zino abalina enviiri zaabwe ezibikka ekyenyi ze basanirira *bati*, nga zirimu langi, era nga zivudde mu langi yaazo ey'obutonde, nga bataddemu eddagala erizijja mu langi yaazo ey'obutonde, ne bakyusa langi y'enviiri zaabwe, ne bazinyoolera mu budondi obukola amayengo, ne zigwa mu maaso. Ggwe ekisajjasajja ekyefaanaanyiriza abakazi! Ekyo kintu kya ntiisa okukyogerera ku kituuti, naye omusango gutandikira mu nnyumba ya Katonda. N'okumanya tomanyi oba oli musajja oba oli mukazi. Era kye mmanyi Amagye g'eggwanga lyaffe Amerika ekiddako gajja kutandika okwambala empale ennyimpi. Ky'ekyo. Mulaba okwonooneka bwe kufaanana? Ezo ngoye za mukazi; era n'omusono gw'enviiri gwa mukazi.

143 Jjuuzi nnali mu, wooteeri ya Howard Johnson; si eno eya wano, naye eri ey'okuluguudo luli olufuluma. Ne ntuula ne mpuniikirira. Ne wajja akalenzi, nga kaasaamiridde. Nga enviiri zaako *wano* nzirugavu, nga kazisaniridde kazizzizza *eno*; kazitaddemu ekidondi, nga kazikozeemu amayengo, ne zibundukira mu maaso gaako; nga zikalengejjera waggulu ku maaso, kadda eno n'eri. Oba nnali ndabye obugwaagwa! Laba, nga tasobola kukikkiriza. Nga asobola okukakasa nga bw'ali omusajja, wabula nga mu mwoyo gwe mukazi. Nga mu nnyumba tamanyi ttuluba ki mw'agwa. Ky'ekyo. Nga bugwagwa obusukkiridde!

144 Ebyo nno Ssitaani by'akola. Akyaamya amawanga. Akyaamya ekkanisa. Akyaamya abantu. Mulimba, anyoola Amazima aga nnamaddala.

145 Katonda yakola omusajja nga musajja. Yakola omukazi nga mukazi. N'abambaza mu ngeri za njawulo, nga mu kyo ayagala basigale bwe batyo era beeyisenga bwe batyo; nga omu mu kikula kye mukazi, nga omulala musajja. Yayawula Adamu mu lusuku Adeni, n'akola kino, n'amuggyamu Kaawa.

146 Kaakati omusajja enviiri azibundula nga omukazi; omukazi n'asala enviiri ze nga ez'omusajja, ate omusajja n'agezaako okukola ezize nga ez'omukazi. Olaba? Omukazi ayambala engoye z'omusajja ez'oku ngulu, ate omusajja n'ayambala ez'omukazi ez'omunda. Kati nno, ekyo kiwulikika bubi nnyo, naye ssigenderera kwogera bwentyo. Ago ge Mazima gennyini ag'Enjiri. Bw'oba tokimanyi, oliko ekikyamu; awo ku bibiri oba oli muzibe w'amaaso oba si ekyo toyitangako mu nguudo

z'ekibuga. Era omukazi alowooza n'omusajja alowooza nti tekirina kabi, balowooza nti balina we bajja okutuuka.

Abakazi bagamba mbunno, "Kati, ate oba ebbugumu lingi nnyo!"

147 Abayindi ba nnansangwa ab'edda ab'omu Apache bandikuswazizza. Bo nga ebbugumu gye likoma obungi, gye bakoma okweyongerako engoye, okusobola okwegobako omusana; ha, ne kibatuuyanya, basobole okubeera n'ekiwujja empewo nga bwe batambula. Olaba? Bayimiririra ddala mu musana.

148 Ggwe wandibadde tokigumira; obabuukirirwa wenna n'obula okufa ebbugumu. Naye, olaba, ebyo bye muyita mbu obuyigirize obwa waggulu. Ssaayansi ow'omulembe y'aleese bino. Ha, bannange! Wuuyo, "ali bwereere," mu Lawodikiya, "naye nga takimanyi."

149 Omukazi yali bwereere mu Adeni. Ogeraageranya obwakabaka buno bwombi? Obumu bwa kibi na kufa, buli obulala Bulamu na butuukirivu. Mu buli mwe yali nga abikkiddwaako n'Ekibikkako Ekitukuvu. Bombi baali bwereere; nga tebakimanyi. Baali tebalina kye bakimanyiiko, kubanga baali babikkiddwaako Omwoyo wa Katonda.

150 Naye wano babikkiddwaako n'okwaaka, era batunuuliragana oku. . . Laba, Adamu yatunuuliranga Kaawa, naye nga tamanyi nti ali bwereere. Naye kati nga aliko ekibikkako kino eky'okwaka, omukazi teyeeraba nti ali bwereere, naye akikolera wansi w'ekibikkako kino eky'okwaaka okuleetera omusajja okumutunulako. Ye nsonga yokka lwaki akikola. Ekyo tokikkiriza, so nga ate okikola, era abasajja ne batunula. Era yakizuula nti osikiriza nnyo, n'atuuka n'okukusemberera n'ayambala n'ezimu ku ngoye zo.

151 O, nga bugwaagwa bwa kitalo! Nga mulembe mubi! Ekiseera kye tulimu nga kya. . . Nga kirimba nnyo! Ha, ebintu bino byonna, "naye nga tebakimanyi," mwoyo gwennyini ogw'obwoonoonefu gwe guli mu musajja. Abikkiddwako aleme kumanya nti kwegomba Ssitaani, n'omukazi, naye bw'atyo. Mwoyo gwa Ssitaani mu bantu ab'eddaala erya waggulu. Olaba, tebakimanyi, wabula bali kibiina bubiina ekigunje. Abakazi abambadde empale ennyimpi, abo ba mu bibiina ebigunje. N'abasajja abambala bwe batyo, ba mu bibiina ebigunje. Muleke mbawe ennukuta ezinnyonnyola ebintu ebyo mu bufunze ziri, B.S.S., Big Sister Society [Ekibiina ky'Abakazi Ab'amaanyi mu Lungereza—Omuvv.], kale nno bye ebyo ebibiina bye balimu. Bagenda ne bava eyo, ogubiina ogubakyuusa endabika, nga bambadde ebiwale ebiwanvu, bijjudde ebipaapi n'agatuttwa, ekintu ekifaanana obubi. Nze—nze. . .

152 Ssebo, oyinza obutakkiriziganya nange ku kino, naye ago ge Mazima. Wayonooneka naye tokimanyi bumanya.

Tokyali, tokyeyisa nga musajja. Olaba, ogenda onafuwa bunafuyi; ate, ne batabani baabwe, bajja kukomekkereza nga tebavuddeemu musajja yenna; abasajja, n'abakazi, nabo bwe batyo. Bibiina bya bantu. Ekyo kye kibiina ekigunje. Lwaki? "John, muliraanwa, ayambala empale ennyimpi, nze kiki ekiŋŋaana? Luella yayagadde ngyambale kubanga ne John muliraanwa, yagyambadde. Kale, nno, oba—oba ye Susie Jane asobola okuzambala, ne Martha Jane naye asobola okuzambala, oba Susie Lou," oba ssimanyi erinnya lye ye ani, laba. Laba, kinyumu bunyumu. Kibiina ky'abantu ekiri awo. Mu mwoyo okirimu, naye nga tomanyi.

153 Kale nno oba bwe bityo bwe biri, era nga tubiraba nti bwe biri, kitegeeza ggwe wazibwa amaaso. Wazibwa amaaso obutalaba bibiina by'amadiini ebyo Ssitaani by'akuzingiriddemu. Era ebyo biriwo lwa kunyoola Kigambo kya Katonda ekya nnamaddala, n'Obwakabaka Bwe, n'entegeka Ze yakolera abaana Be. Ssitaani azingiridde abakazi n'abasajja mu bintu bino, naye tebakimanyi. Abakyaamizza!

154 Takyali mutabani wa Katonda! Agaviiri gamulengejjera mu maaso, ayambadde mpale nnyimpi, ayenjeerera mu luguudo; mutabani wa Katonda, nga mudiikoni mu kkanisa, nga musumba ku kituuti? Nedda, oyo si mutabani wa Katonda. Teyayita mu Kasengejja ka Katonda ak'okulowooza. Yandibadde tayambala ngoye za bakazi ezo; mazima teyandizambadde; n'omukazi naye teyandyambadde za musajja. Olaba, si mutabani wa Katonda. Mutabani wa Ssitaani, era omuwala naye muwala wa Ssitaani. Kikalubo tekyogerekeka!

155 Ssitaani asobodde okwonoona ensi eno n'agyezza, n'agifuula obwakabaka obubwe; omuntu gye yali ateereddwaamu, olw'eddembe ly'okwesalirawo, yeronderangawo ekika ky'obulamu bw'ayagala. Era ekyo kiraga kiki ekiri mu mutima gwo. Olaba? Eddoboozi lyo. . . Ye okimanyi? Ebikolwa byo bireekaana nnyo, era bivuga nnyo okusinga bye weeyogerako. Uh-huh!

156 Leka ŋŋende ew'omusajja. Agambe nti, "Ha, nze. . . Ffenna tuli Bakristaayo. Tuli bammemba mu kkanisa." Nga ebifaananyi by'abakazi abeeyambudde bijjudde mu woofiisi ye yonna? Huh! Ne bw'aŋŋamba ebyenkana wa, nze mba ntegeera bulungi; naawe bw'otyo.

157 Omukazi ne bwe yeeyita Omukristaayo, nga enviiri ze nkomole? Huh-uh! Mumanyi bulungi okusingako awo, laba. Yee, ssebo. Leka yeeyite Omukristaayo, nga yeetonyeetonye yeesiize langi, ayambadde n'empale ennyimpi, ate nga agamba mbunno Mukristaayo? Toli musiru nnyo ekyo obutakimanya. Ekigambo kya Katonda kikuyigiriza bulungi obutakola ekyo. Ekigambo kigamba nti tasobola kukikola ate n'aba nga Mukristaayo. Aba muweebuufu atalina na mpisa, n'ebirala. Katonda anaateeka

atya ekintu ekiweebuufu mu Bwakabaka Bwe? Nedda, ssebo, tekisoboka n'akatono. Nedda, ssebo. Bo bennyini, booleka okwegomba kwabwe.

158 Ejjiba tosobola kuliriisiza wamu na ddiirawamu, ne bw'oba oyagala otya. Ejjiba teririna kalulwe. Terisobola kulya bivundu ebyo. Ssinga lirumako wadde akatono kati, lifa bufi, ekyo nalyo likimanyi. Naye eddiirawamu lyo lisobola okulya kyenkana buli kimu kye lyagala. Olaba? Lyo lirina akalulwe kanene nnyo.

159 Kale osanga nti, bwe kityo bwe kiri mu nsi yonna ennaku zino, kintu kye kimu, "Bali bwereere, bazibe ba maaso, naye ate tebakimanyi."

160 Ssitaani yakikola nga ayita mu kwegomba kw'omukazi olw'okumanya, olw'okwegatta okw'omubiri, ye yennyini omukazi kye yeronderawo. Labayo kati, Kaawa ye yakulembera Adamu okumukozesa ekikyamu, era omukazi ye yasooka okweyambulamu engoye ze nga Adamu tanneyambulamu zize. Olaba? Bulijjo, aba mukazi. Bwe kibaddenga bwe kityo ebbanga lyonna. Na kati kikyali bwe kityo.

161 Ekkanisa y'ekyamya omuntu n'awaba. Kkanisa, okiraba, y'ekyaamya omuntu abadde ayagala okuba omwana wa Katonda. Omukazi, ekkanisa. Si Bayibuli, Katonda, kubanga Bayibuli ye musajja. Ddala, yee, "Ekigambo kyayambala omubiri," era Yali Musajja. Olaba? Bayibuli ye musajja; ekkanisa ye mukazi. Okiraba? Si kkanisa . . . Bayibuli si y'ewabya omuntu. Ekkanisa y'emuwabya. Yali kkanisa gye yali nayo obwereere, so si Bayibuli. Olaba? Nedda, n'akatono. Bayibuli emugamba nti ali bwereere. Yee, ssebo.

162 Kati labayo, okuyita mu kwegatta kw'omusajja n'omukazi, okwegomba okwegatta, omukazi yeegomba okufuna okumanya, okutegeera kino kye *kiki*, na ngeri ki, oba ekibala kino kyali kirungi oba nedda. Era n'akikola.

163 Lumu Katonda ajja kulweddiza, naye, nga akozesa Omusajja. Omukazi ye yaluwaayo. Naye Musajja ye yalununula; Omusajja, Yesu Kristo, nga oyo kye Kigambo.

164 Olwo ne kiryoka kiba ki? Weetegereze, nga tumaliriza. Wano gye buvuddeko, nnayogera ekigambo kino. Nnina wano emiko gy'empapula ena oba etaano n'okusingawo, naye nja . . . egy'Ebyawandiikibwa n'ebirala bye nnayagadde okujuliza. Naye, muwulirize. Ka tumalirize, nga njogera kino.

165 Mujjukira, gye buvuddeko katono, nnali mbayigiriza ku Makondeere Omusanvu, *Embaga y'Amakondeere*, n'ebirala. Ne ŋŋamba nti, "Waliwo ekijaguzo eky'olunaku olw'omunaana." Kale, olunaku olw'omusanvu lwe lusembayo, egyo gye Myaka Olukumi. Naye waliyo ekijaguzo eky'olunaku olw'omunaana; nga ekyo, bwe luba lwa munaana, ate nga ennaku ziri musanvu zokka, kiba kirufuula lunaku olusooka nate, kwe kukomawo ku lunaku olusooka. Kati awo, Emyaka Olukumi nga

giweddeko, walibaawo Adeni nate. Obwakabaka bwa Katonda obw'amaanyi buzzibwewo. Kubanga, Yesu yalwanyisa Ssitaani, mu lusuku Gesusemane, n'awangula ne yeddiza Adeni, olwo lwe yagenda okuteekateeka mu Ggulu, oluvannyuma akomewo nate, waggulu mu Ggulu. Yagamba nti, "Emitima gyammwe gireme kweraliikirira."

166 Bwe yali wano ku nsi, Yagamba nti, "Mmwe, mmwe Abayudaaya, mukkiririza mu Katonda. Kaakati, mmanyi nnina erinnya ebbi," bwe Yagamba. "Era bampita, *kino* na *kiri*. Naye, mukkiririzza mu Katonda; kale nga bwe mukkiririzza mu Katonda, nange munzikiririzeemu." Yali Katonda, nga alabisiddwa. Okiraba? "Nange nno munzikiri . . . "

167 "Mu nnyumba ya Kitange mulimu . . . " Oba ka tugambe, "Mu bufuzi bwa Kitange, mu ntegeka za Kitange mulimu embiri nnyingi. Nja kugenda mbategekere ekifo." Laba bwe kyenkana obuwanvu: mayiro lukumi mu bitaano buli ludda! Obuuza, nti kiri ludda wa? Yagenda kukitegeka. Ye Mutonzi. Ye atonda zaabu oyo yenna. Enguudo zitangaala nga ekirawuli. Ye Mutonzi. Ali mu kukola kifo. Mu Kubikkulirwa 21, yagamba nti, "Nze Yokaana ne ndaba Ekibuga ekitukuvu, Yerusaalemi Ekiggya, nga kikka okuva mu Ggulu ewa Katonda."

168 "Nga tewakyali nnyanja; nga eggulu erisooka n'ensi esooka biweddewo." Eggulu lyaffe erisooka lyali ki? Gye Myaka Olukumi. Ensi eyasooka y'eriwa? Ye eno. Ejja kuddaabirizibwa. Nga bwe yabatizibwa Nuuwa, mu nnaku z'okubuulira kwe; n'etukuzibwa Kristo, bwe yagimansirako Omusaayi Gwe; eriddaabirizibwa, n'eggyibwako obuwuka bwonna obulwaza na buli kimu kyonna, mu kuddaabirizibwa ku nkomerero, n'okubatizibwa okw'Omuliro ogugenda okutta buli kawuka akalwaza, buli bulwadde, buli ndwadde, obucaafu bwonna obwali bubadde ku nsi.

169 Eritutunukayo, eveeyo nga Nsi Mpya. "Ne ndaba Eggulu Eriggya n'Ensi Empya. Eggulu eryasooka, n'ensi eno eyasooka, byali bivuddewo; nga ennyanja tekyaliwo. Nze Yokaana ne ndaba Ekibuga ekitukuvu, Yerusalemi Ekiggya, nga kikka okuva mu Ggulu ewa Katonda." Omwo Katonda mw'alibeera n'enkula Ze ziri zennyini ezaamuvaamu, abaana ab'obulenzi n'ab'obuwala, mw'asobolera okussa ekimu nabo mu butukuvu, nga amaaso gaabwe gazibiddwa obutalaba kibi kyonna. Okuva awo tewaliddamu kubaawo kwonoona kwonna.

170 Leka tufube nnyo; tolimbibwa mu nnaku zino, wabula, "fuba okuyingira mu mulyango."

171 "Kubanga abo bonna abalirekebwa ebweru be benzi, abeegombi." "Buli atunuulira omukazi okumwegomba aba amaze okwenda naye." Bonna abaliba . . . ebweeru waakyo we waliba abakazi ab'empisa ensiiwuufu, abasajja ab'empisa ensiiwuufu, n'abalala.

172 Naye abo bokka abanunule, abali mu Kitabo ky'Obulamu eky'Omwana gw'endiga, be baliyingira mu mulyango ogwo. Kale mufube, ab'emikwano; temulimbibwa mu nnaku zino ezisembayo.

173 Kino ekiseera kikulu nnyo. Buli muntu alina ssente. Buli omu asobola okukola *kino*, buli muntu asobola okukola *kiri*, era ssente zikulukuta buli wamu, agamotoka ag'ebbeeyi, na buli kimu. Byonna tekuli kigenda kubeerayo mu Kibuga kiri. Teribaayo wadde emmotoka emu, wadde ennyonyi. Nedda. Guliba mulembe gwa njawulo nnyo. Guliba mulembe ogutali gwa kumanya, ogutali gwa ssaayansi, wabula ogw'obutamanya kibi, era ogw'okukkiriza mu Katonda omulamu.

174 Tufube okuyingira mw'Ekyo. Kubanga ekyo kye kigendererwa kyange mu bulamba, olunaku lumu nnyingire mu Kibuga ekyo; ntunuleko emabega, nga mujjidde wamu nange, mbalabe mwenna nga mukumba, nga bwe tuyimba nti, "abatukuvu ne bakumba nga bwe bayingira." Njagala okubeera mu muwendo gw'abo nga abatukuvu bakumba nga bwe bayingira.

Leka tusabe.

175 Ayi Kitaffe Ow'omuggulu, ennaku nga bwe zigenda zisembera, nga tukiraba kigenda kisembera, ekisuubizo kigenda kisembera. Tusaba, Katonda Omwagalwa, nti ekyo okiteeke ku mitima gyaffe, tuleme kukola nsobi yonna. Katonda Omwagalwa, kuuma emitima gyaffe nga mirongoofu. Kuuma emitima gyaffe nga gibikkiddwako, Mukama, amaaso gaffe nga gabikkiddwako obutalaba bintu bya nsi, n'ebintu eby'ensi ebitaliimu nsa, okwenyumiriza mu butaliimu okufuuka omuntu ow'ettutumu.

176 Leka babe nga ba bitiibwa nnyo, bakabaka bonna, abafuzi bonna ab'ensikirano, ab'ebitiibwa, n'abalala bonna balina okuzikirira, era tebirizuukira mu kw'oku-. . . mu kuzuukira okusooka. Kubanga kyawandiikibwa nti, "Alina omukisa era mutukuvu oyo alibeera mu kuzuukira okw'olubereberye, oyo okufa okw'okubiri gwe kutalinaako buyinza." Ayi Katonda! "Okufa okw'okubiri," okufa okw'omu mwoyo, "tekulina buyinza"; omuntu nga anunuddwa!

177 Ayi Katonda, bwe tukirowoozaako nti lumu ku biro bino, omu aliba agenze okukyalira munne, n'asitulibwa. "Babiri baliba ku kitanda, ntwaleko omu, omulala mmuleke. Babiri baliba mu nnimiro, nditwalako omu, omulala mmuleke."

178 Ayi Katonda, tuyambe okubeera abalongoofu mu—mu maaso Go, Mukama, abantu ka babe nga batulowoozaako ki, byonna abalala bye boogera. Mukama, leka obutukuvu bwaffe. . . bye twogera bibe bitukuvu. Leka bibe nga birungiddwamu Ekigambo kya Katonda, bibe bya mwoyo nnyo, Mukama, tuleme kusangibwaamu bukuusa bwonna. Nga twegayirira, mu nsobi

zaffe, Omusaayi gwa Yesu Kristo guyimirire wakati waffe ne Katonda, alyoke atutunuulire ng'amaaso ge gayita mu Musaayi gwa Yesu; so si kuyita mu butuukirivu bwaffe, oba ekyo kye tuli, oba bye tukoze, wabula ku bisaanyizo Bye byokka. Ayi Katonda, kituwe!

179 Waleme kubaawo n'omu ku batudde wano ekiro kya leero ne bawulira Obubaka buno, waleme kubaawo n'omu abula, okuva ku mwana asembayo obuto okutuuka ku muntu asingayo obukulu. Okuyaayaana kwabwe okutukuvu kube eri Katonda yekka n'eri Ekigambo Kye. Tetumanyi kiseera ki mw'Alirabikira, era tetumanyi kiseera ki w'Ayinza okututumya okugenda gy'ali okusalirwa Omusango. Tetumanyi kiseera ki w'Ayinza, nga bwe tuyinza okugamba, kuggya kaadi yaffe mu masa, agambe nti, "Budde bwa kudda ka. Oteekwa okugenda." Ayi Katonda, tuyambe otukuume nga tuli balongoofu. Kituwe, Mukama.

180 Leka tubeerewo okutuusa Okujja kwa Mukama, bwe kiba kisoboka. Leka tukole buli kimu kyonna kye tusobola, mu kwagala n'okulumirirwa, nga tumanyi nti Katonda anoonya mu nsi yonna, mu nnaku zino, nga anoonya buli ndiga eyabula. Era leka twogere gye bali n'essaala erungiddwamu okwagala n'Ekigambo kya Katonda, tusobole okuzuula oyo asembayo, tusobole okudda Eka, tulyoke tuve mu lusuku luno Adeni olukadde olwa Ssitaani wano, Mukama.

181 Lwonna olwazimbibwa ku kwegomba kw'omubiri, n'abakazi ababalagavu, nga bwe bayitibwa mu nsi, n'ebirango byabwe ebigamba nti, "Tulanga nti, twetaaga abalenzi bajje nga beesiize jaamu mu maaso, n'abawala ababalagavu nga bambadde empale ennyimpi," ku leediyo zaffe ne ku tereviizoni; n'obukyafu obwa buli kika kyonna ne kazambi, ne Hollywood; ennyambala zonna ez'ekikaba, encaafu, embi ez'abakazi. N'a— n'abasajja nga boonooneka nga bambala ebyambalo by'abakazi, nga enviiri zaabwe bazisalamu emisono nga abakazi; n'abakazi ng'abasajja.

182 Ayi Katonda, ekiseera kye tulimu nga kibi nnyo! O, jangu, Mukama Yesu, jangu! Jangu, Mukama! Tulongoose n'Omusaayi. Otujjemu obukyafu bwonna n'obukuusa. Tubeere balamu, Mukama, tube balamu wansi w'Omusaayi, ebbanga lyonna, mu maaso Go. Kwe kuyaayaana kw'emitima gyaffe, era y'essaala yaffe mu bwesimbu.

183 Katonda Omwagalwa, kuno ku kitu-. . . manyanga ezo, ku mmeeza ezo, akawungeezi kano, Enjiri kw'eteekeddwa. Mukama, kuliko ebiremba biibino n'ebitereke ebigenda eri abalwadde n'abanyigirizibwa. Leka essaala y'okukkiriza, Mukama, ekke okuva mu mitima gyaffe kaakano, ejje mu maaso Go. Era, Mukama, bwe waba waliwo ekintu kyonna ekitali kirongoofu mu ffe, Mukama, twala . . . tulamule kaakati; nga bwe tusaba okusaasirwa. Tubikkulire ebikyamu bye tubadde tukola,

Mukama, tusobole okusaba, oddire Omusaayi otulongoose. Wonya abalwadde bano obawe obulamu obulungi, Kitaffe, yonna gye binaalaga, yonna gye bigenda. Leka kibe bwe kityo, Kitaffe.

184 Tuwe obumalirivu obw'okuweereza Ggwe, era Ggwe wekka. Kituwe, Mukama.

185 Okuume abaagalwa bano abali mu lugendo nga baddayo eka.

186 Weebale olw'engeri gy'owonyezzaamu abantu. Ne Mwanyinnaffe Shepherd ne katabani k'Ow'oluganda Shepherd, akaafuna ebisago ku ggaali, nsaba waleme kuba kabi konna kakatuukako; akaana akaali kavuga eggaali yaako, nsaba kabeere bulungi. Tukwebaza olw'okuwonya abalala bano be tusabidde. "Era tumanyi nti bye tusaba, tubifuna, kubanga tulina obwesige mu Oyo eyasuubiza."

187 Otuwe ku kisa Kyo, Mukama, era otusonyiwe ebibi byaffe. Tusabye, mu Linnya lya Yesu Kristo. Amiina.

188 Mumwagala? Mumukkiriza? Mwetamiddwa era mukooye obwakababaka bwa Ssitaani? Mukkiriza nti Emyaka Olukumi gisembedde, Emyaka Gye Olukumi; Egigye, mu lusuku lwe Adeni? Mukkiriza nti luzziddwaawo mu nnaku zino?

189 Mulabe, buli kintu kyonna kyesigamiziddwa ku magezi ga buntu. Byonna, buli kimu, kirina kusooka kukakasibwa kusinziira ku ssaayansi balyoke bakikkirize.

190 Ate nga tosobola kukakasa Katonda nga okozesa ssaayansi. Olina kumusembeza nga oyita mu kukkiriza, "Kubanga buli ajja eri Katonda ateekwa okukkiriza nti Waali, era ye mugabi w'empeera eri abo abamunoonya n'obunyiikivu."

191 Ayi Katonda, ssirina kirala kye njagala kumanya okujjako Omusaayi gwa Yesu Kristo ogunnaazaako ebibi. Ssirina kirala kye mmanyi okujjako Yesu Kristo. Era nga Pawulo ow'edda bwe yayogera, nange bwe njogera ekiro kya leero nti, "Ssirina kye mmanyi mu mmwe, okujjako Yesu Kristo, Oyo eyakomererwa."

192 Kye kyokka kye mbabuulira. Nti, Bayibuli eno, nzikiriza n'omutima gwange gwonna (nga omutima gwange bwe ngumanyi), okuba nga kye Kigambo kya Katonda ekituukiridde ekitasaabuluddwa. Kino kye kimbeeza omulamu. Kino kye kinsobozesa okuyimirira. Era ssinga mbadde n'obulamu obulala emirundi omutwalo mulamba, bwonna awatali kulekayo nnandibuwaddeyo olw'Ekigambo kino, kubanga kye Kigambo kya Yesu Kristo. Era ssifaayo ne bwe bagezaako okukiwakanya okwenkana wa, ssaayansi ne bw'agezaako atya okugamba mbu tekyesigika, n'ebirala, nze ku lwange, Kye kintu kyokka mu nsi yonna kye nnyinza okwesiga, kye Kigambo kino. Ye wange. Mmwagala. Ggwe tomwagala?

193 Mu mutima gwo bwe muba nga mulimu ekibi, bwe muba nga mulimu ekikyamu mu mutima gwo, bw'obaamu n'ekintu kyonna, saba kaakano Katonda akusonyiwe. Munsabire; nange nja kubasabira. Katonda abawe omukisa, eyo ye ssaala yange.

Okutuusa lwe tulisisinkana! okutuusa lwe tulisisinkana!
Katonda abeerenga naawe okutuusa lwe tuliddamu okusisinkana!

194 Mwagalana? Yokaana yagamba nti, "Abaana abato, mwagalanenga." "Mwagalanenga, kubanga okwagala kubikka ebibi bingi." Kaakati tukwataganeko mu ngalo.

Katonda abeerenga naawe okutuusa lwe tuliddamu okusisinkana!

Okutuusa lwe tulisisinkana! okutuusa lwe. . .

195 Kaakati mubeere ba kisa buli omu eri munne. Mubeere ba kisa eri buli muntu. Muliraanwa wo muyise bulungi. Weekuume nga toliiko bbala okutuusa Yesu lw'alijja.

. . . bigere;
Okutuusa lwe tulisisinkana! okutuusa lwe tulisisinkana!
Katonda abeerenga naawe okutuusa lwe tuliddamu okusisinkana!

196 Mumwagala? Eyo ye ssaala yange. Munsabire; nange nja kubasabira. Nnina okuddayo e Tucson kaakati. Era nsa—nsaba nti mwenna Katonda abawe emikisa. Okuva eyo ŋŋenda Canada, nkomewo e Colorado; nneetooloole, nneetooloole, nneetooloole, olaba. Okutuusa. . .

197 Ow'oluganda Tony ali eyo, era waliwo ekintu eky'amaanyi ekyabaddeyo. Wansi wa Vatican wennyini, e Roma, beetaaga okudda obuggya, olukuŋŋaana, ŋŋendeyo nkole olukuŋŋaana lw'okudda obuggya mu Roma, mu Roma. Yaakadda. Abantu bonna bali bumu. Balinayo eyo ekisaawe ekinene, ekigyaamu enkumi n'enkumi z'abantu, era baagala ŋŋende nkoleyo olukuŋŋaana olw'okudda obuggya. Baagala okulaba ekitiibwa kya Mukama mu buweereza. Ssimanyi. Nnina okukisabira, ndabe Mukama kiki ky'anaŋŋamba. O, bannange! Mujjukire, tusabe, fenna wamu. Tukola ki?

Tulindiridde okujja kw'Omulokozi waffe ow'omukisa,
Laba, ebikoola by'omutiini bwe gutojjedde;
Enjiri y'Obwakabaka Bwe egenze mu buli ggwanga;
Era kirabika nti, tusemberedde enkomerero.

198 Ekyo kituufu?

Awo nno n'essanyu tujja kulangirira obubaka bw'okulabika Kwe okw'omukisa,

Anaatera okujja mu kitiibwa, tumanyise buli omu ne bonna;
Kale nno muzuukuke, mmwe abatukuvu ba Mukama, lwaki mubongoota nga enkomerero esembedde,
Twetegekere okuyitibwa okwo okusembayo.

199 Ejja kukyukira ebugwanjuba eddemu ekomewo, olumu ku nnaku zino, kijjukire. Ddala ejja kukikola. Era ekyo bwe kiri. Okutuusa mu kaseera ako:

Twalanga Erinnya lya Yesu,
Ggwe omwana ow'ennaku n'okulumwa;
Lijja kukuwa essanyu era likugumye,
Litwalenga, wonna w'olaga.

Erinnya ery'omuwendo, (Erinnya ery'omuwendo!) O nga ddungi!
Essuubi ly'ensi era essanyu ly'Eggulu;
Erinnya ery'omuwendo, O nga ddungi! (Nga ddungi!)
Essuubi ly'ensi era essanyu ly'Eggulu.

Bwe tulivunnamira Erinnya lya Yesu,
Tugwe ku bigere Bye,
Tulimutikkira engule nga Kabaka wa bakabaka,
Nga olugendo lwaffe luwedde.

Erinnya ey'omuwendo, O nga ddungi!
Essuubi ly'ensi era essanyu ly'Eggulu;
Erinnya ery'omuwendo, O nga ddungi!
Lye ssuubi ly'ensi era essanyu ly'Eggulu.

200 Kaakati, mu kitundu kino ekisembayo, tukiyimbe nga tuwombeese emitima gyaffe kati.

Twalanga Erinnya lya Yesu,
Nga Engabo eri buli kyambika;
Era ebikemo bwe bikwetooloola, (Ebintu bino eby'obwakabaka bwa Ssitaani, olaba, olaba.)
Yatula bwatuzi Erinnya eryo Ettukuvu mu kusaba.

201 Ky'ekyo kyokka; bw'omala weetambulire. Kikola. Nkigezezzaako. Kikkirize bukkiriza kati, kubanga kijja kukola. Yatula bwatuzi Erinnya Lye Ettukuvu mu kusaba.

. . . n'Erinnya lya Yesu,
Nga Engabo eri buli kyambika;
Ebikemo bwe bikwetooloola, (On'okola otya?)
Yatula bwatuzi Erinnya eryo Ettukuvu mu kusaba. (Awo Ekibikkako kijja kujja ku maaso go.)

Erinnya ery'omuwendo, (Erinnya ery'omuwendo!) O nga ddungi!
Lye ssuubi ly'ensi era essanyu ly'Eggulu;
Erinnya ery'omuwendo, O nga ddungi!
Lye ssuubi ly'ensi era essanyu ly'Eggulu.

202 Kati tukoteke emitwe gyaffe, nga bwe nsaba Ow'oluganda Beeler ali emabega eri ajje wano ku kadaala. [Ow'oluganda Branham amuumuunya *Twalanga Erinnya lya Yesu*—Omuk.]

Yatula bwatuzi Erinnya eryo Ettukuvu mu kusaba.

203 Tusiibule, Ow'oluganda Beeler. Tusiibule n'okusaba.

(Erinnya ery'omuwendo!)
Lye ssuubi ly'ensi era essanyu ly'Eggulu;
Erinnya ery'omuwendo, (Erinnya ery'omuwendo!) O nga ddungi!
Lye ssuubi ly'ensi era essanyu ly'Eggulu.

204 Kaakati nga tukotese emitwe gyaffe, nga n'emitima gyaffe givunnamye. Ow'oluganda Beeler, muweereza munnaffe wano, Ow'oluganda Estle Beeler, wa luganda Mukristaayo mulungi nnyo, musajja mwesigwa. ŋŋenda kumusaba asiibule ekibiina, akawungeezi kano, mu kusaba. Katonda akuwe omukisa, Ow'oluganda Beeler.

Olusuku Adeni Olwa Ssitaani LUG65-0829
(Satan's Eden)

Obubaka buno obwabuulirwa Ow'oluganda William Marrion Branham, bwabuulirwa mu Lungereza ku Ssande akawungeezi, nga 29 Agusito, 1965, mu Kkuŋŋaaniro lya Branham e Jeffersonville, Indiana, mu Amerika, buggyiddwa ku lutambi olwa kkaseti ne bukubibwa mu Lungereza nga tebukyusiddwamu. Buno obuvvuunuddwa mu Luganda bwakubibwa era ne busaasaanyizibwa aba Voice Of God Recordings.

LUGANDA

©2020 VGR, ALL RIGHTS RESERVED

Voice Of God Recordings
P.O. Box 950, Jeffersonville, Indiana 47131 U.S.A.
www.branham.org

Ekirango ky'obwannanyini

Obwannanyini bwonna bwesigaliziddwa. Ekitabo kino kisobola okukubibwa mu kyapa ku kyuma ekikuba empapula eky'awaka nga eky'omuntu okwesomera ku bubwe oba nga eky'okugaba, ku bwereere, nga ekikozesebwa eky'okubunyisa Enjiri ya Yesu Kristo. Ekitabo kino tekikkirizibwa kutundibwa, kukubibwa mu bungi, kuwanikibwa ku mutimbagano gw'ensi yonna, kuterekebwa mu ngeri yonna etali ya kyapa, kuvvuunulwa mu nnimi ndala, oba okukozesebwa okusaba ssente awatali kufuna lukusa mu buwandiike okuva mu Voice Of God Recordings®.

Okumanya ebisingawo oba ebintu ebirala bye tulina, tukusaba otuukirire:

VOICE OF GOD RECORDINGS
P.O. BOX 950, JEFFERSONVILLE, INDIANA 47131 U.S.A.
www.branham.org